MAKERERE UNIVERSITY

OKWEKALIRIZA OLULIMI OLUKOZESEBWA KU BIPANDE BY'AMASINZIZO MU KAMPALA.

BYA

AMANNYA	REG. NO	ESSOMO
NTANGA TIMOTHY	23/U/23757	B.A.ED
NAKASI CATHERINE	23/U/13492/PS	B.A.ED
LUKWAGO JOSHUA MUWANGUZI	23/U/10788/PS	B.A.ED

ALIPOOTA Y'OKUNOONYEREZA OKWAKOLEBWA NG'EKIMU KU BYETAAGO BY'OKUMALIRIZA DIGULI MU BUSOMESA (B.A.ED) KU MAKERERE UNIVERSITY

OMULUηηAMYA: MW. RICHARD SELWANGA

OGWOMUKAAGA, 2026

OKULAYIRA

Ffe, abataddeko emikono gyaffe wansi era nga tuli bayizi ku Makerere University, tulayira nti omulimu gw'okunoonyereza ogulagiddwa mu kiwandiiko kino mulimu gwaffe ddala era teguweebwangayokko ku ddaala lya diguli, dipulooma, oba obuyigirize obulala bwonna ku yunivaasite yonna oba mu matendekero amalala gonna. Ebiwandiiko byonna ebyakozeseddwa mu kunoonyereza kuno biragiddwa bulungi era ne bijulizibwa byonna.

Tulayira nti tewali bunyakuzi bwonna bwe tukoze mu mulimu guno gwonna era tukimanyi bulungi nti okulimba kwonna kuyinza okuviirako okusazibwamu kw'omulimu gw'okunoonyereza guno n'okukangavvulwa kwaffe, ng'amateeka ga ssettendekero Makerere bwe galagira.

ABANOONYEREZA	REG. NO:	EMIKONO	ENNAKU Z'OMWEZI
Ntanga Timothy	23/U/23757		29th/6/2026
Nakasi Catherine	23/U/13492/PS		29th/6/2026
Lukwago Joshua Muwanguzi	23/U/10788/PS		29th/6/2026

OKUKAKASA KW'OMULUŋŋAMYA

Okunoonyereza kuno, "OKWEKALIRIZA OLULIMI OLUKOZESEBWA KU BIPANDE BY'AMASINZIZO MU KAMPALA" nkukebedde era ne nkugolola ng'omuluŋŋamya.

Abayizi bano be beekoledde omulimu guno (laba ekirayiro kye baakubye) era ku lwange, ndowooza nti okunoonyereza kwe bakoze kutuukanye n'omutindo ogusaanira okutuukiriza ekimu ku bisaanyizo by'okuweebwa diguli mu busomesa (B.A.ED) ku ssettendekero Makerere.

Amannya g'omuluŋŋamya: Richard Selwanga

Omukono: .....

Ennaku z'omwezi: 27/7/2026

Ekitongole n'ettendekero: DEAL, Makerere University

OKUWONGA

Ebibala ebyavudde mu kunoonyereza kuno tubiwonga eri famire zaffe ne bazadde baffe bonna abatuweeredde okutuuka ku kkula lino mu lugendo lw'okufuna diguli eno.

OKWEBAZA

Okwebaza kwaffe kugenda eri omusomesa waffe era omuluŋŋamya waffe, Omw. Richard Selwanga, olw'obudde bw'atuwadde n'okutuluŋŋamya entakera ku nsonga ezitusobozesezza okumaliriza okunoonyereza kwaffe kuno era ne kuvaamu ebibala ebirungi.

Mu ngeri ey'enjawulo, twebaza ekitongole ky'ebyennimi ku Ssettendekero Makerere olw'okutuwa omwagaanya okusobola okwolesa obukugu bwaffe nga tuyita mu kunoonyereza n'okwongera ku kumanya okuliwo ku nsonga gye tunoonyerezzaako awamu n'okuzuula ebiddibwamu eri ebibuuzo ebibaddewo.

Twongera okwebaza abasomesa baffe bonna abatusomesezza era abatusizeemu obukugu obw'enjawulo okuviira ddala gye twatandikira emisomo gyaffe, ekituyambye ennyo okuzimbirako mu kunoonyereza kwaffe kuno.

Mu ngeri y'emu, twebaza abazadde baffe olw'okutussaamu obwesige n'okutuvujjirira n'ensimbi, ebikozesebwa n'ebyetaago eby'enjawulo byonna bye tukozesezza mu kunoonyereza kuno.

EBIRIMU

OKULAYIRA ..... **Error! Bookmark not defined.**

OKUKAKASA KW'OMULUŋŋAMYA ..... **Error! Bookmark not defined.**

OKUWONGA 4

OKWEBAZA 5

EBIRIMU 6

OLUKALALA LW'EMYESO 9

OLUKALALA LW'EBISIRISE 10

OLUKALALA LW'EBIFAANANYI 11

OLUKALALA LW'EBIWAAYIRO 12

EKIFUNZE KY'OKUNOONYEREZA 13

ESSUULA ESOOKA: 14

ENNYANJULA 14

1.1 ENNYANJULA N'EBYAFAAYO KU KUNOONYEREZA 14

1.2 OKWASANGUZA EKIZIBU 15

1.3 EBIGENDERERWA 16

1.3.1 Ekigendererwa eky'awamu 16

1.3.2 Ebigendererwa ebironde 17

1.4 EBIBUUZO BY'OKUNOONYEREZA 17

1.5. OBWETAAVU BW'OKUNOONYEREZA 17

1.5.1 Omugaso gw'okunoonyereza 17

1.6 OMUZIMBO GW'ENNYINYONNYOLERO 18

1.7 OBUGAZI BW'OKUNOONYEREZA 18

1.7.1 Ekkomo ly'ekifo 18

1.7.2 Ekkomo ly'omunyusi 19

1.7.3 Ekkomo ly'ekiseera 19

ESSUULA EY'OKUBIRI: 20

OKWEKALIRIZA EBIWANDIIKO KEEKWANYA 20

2.1 ENNYANJULA 20

2.3 ENSONGA EZISINZIIRWAKO OKULONDA ENNIMI EZIKOZESEBWA KU BIPANDE 21

2.5 ENKUBIRA 22

ESSUULA EY'OKUSATU: 23

ENKOLA Z'OKUNOONYEREZA 24

3.1 ENNYANJULA 24

3.2 EMPENDA Y'OKUNOONYEREZA 24

3.3 EMPUNDA Y'OKUNOONYEREZA 24

3.4 EKIFO KY'OKUNOONYEREZA 24

3.5 ABANTU ABAANOONYEREZEBWAKO 25

3.6 OBUKODYO BW'OKULOBOZA 25

3.7 OBUKODYO BW'OKUKUŋŋAANYA EBIWE 26

3.7.1 Yintaviyu 26

3.7.2 Okwekaliriza 27

3.8 ENKOLA Z'OKUTUMBULA OMUTINDO 27

3.9 ENKOLA Y'OKWEKENNEENYA EBIWE 28

3.10 EMPISA EZAAGOBERERWA 28

3.11 OKUSOOMOOZA KWE TWASANGA 29

ESSUULA EY'OKUNA: 31

OKWANJA N'OKUNNYONNYOLA EBYAZUULIBWA 31

4.1 ENNYANJULA 31

4.2 OKUZUULA ENNIMI EZIKOZESEBWA KU BIPANDE BY'AMASINZIZO MU KAMPALA 31

4.3 ENSONGA LWAKI ENNIMI EZO ZE ZAASALIBWAWO OKUKOZESEBWA KU BIPANDE BY'AMASINZIZO 47

4.4 ENDOWOOZA Z'ABEETABI KU NNIMI EZIKOZESEBWA KU BIPANDE BY'AMASINZIZO MU KAWEMPE NE RUBAGA 50

4.5 OBUBAKA OBWAWAMU KU BYAZUULIBWA 52

ESSUULA EY'OKUTAANO: 53

ENKUBIRA N'EBITEESO 53

5.1 ENKUBIRA 53

5.2 OMULIMU GW'ENNYINYONNYOLERO GYE TWAGOBERERA MU MULIMU GUNO 54

5.3 EBITEESO 55

5.4 EBIKOMEKKEREZA OKUNOONYEREZA KUNO 55

EBIWAAYIRO: 60

Ekiw. I. EBBALUWA Y'OLUKUSA OKUVA KU SSETTENDEKERO MAKERERE 60

Ekiw. II. OLUKALALA LW'EBYABUUZIBWA ABEETABI 61

*III. EBYOKWETEGEREZA KU BIPANDE BY'AMASINZIZO MU RUBAGA NE KAWEMPE.*64

Ekiw.V. ENGABANYA Y'OBUDDE 65

Ekiw. VII. EMBALIRIRA.....69

Ekiw. VIII. ENKOOKERO Y'EBIFAANANYI EBYAKUBIBWA 70

OLUKALALA LW'EMYESO

Omweso 1: Omuwendo gw'ebipande by'amasinzizo ebyekenneenyezeddwa.

Omweso 2: Ebipande nnannimibbirye mu bitundu by'e Rubaga ne Kawempe.

Omweso 3: Emirundi ennimi ssekinnoomu gye zeeyoleka ku bipande by'amasinzizo e Rubaga.

Omweso 4: Emirundi ennimi ssekinnoomu gye zeeyoleka ku bipande by'amasinzizo e Kawempe.

Omweso 5: Ensonga abatwala amasinzizo ze basinziirako okulonda ennimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo.

Omweso 6: Endowooza z'abeetabi ku Lungereza n'Oluganda ng'ennimi ezisinga okukozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu Kawempe ne Rubaga**.**

`

OLUKALALA LW'EBISIRISE

Ekif. - Ekifaananyi

Ekiw. - Ekiwaayiro

KN - Nnalulimirumu mu Kawempe

KB - Nnannimibbirye mu Kawempe

RN - Nnalulimirumu mu Rubaga

RB - Nnannimibbirye mu Rubaga

OLUKALALA LW'EBIFAANANYI

Ekif. 1: Maapu eraga ebitundu by'omu Kampala okunoonyereza mwe kwakolebwa.

Ekif. 2: Bbaggulaafu eraga omuwendo gw'ebipande by'amasinzizo ebyekenneenyezeddwa.

Ekif. 3: Bbaggulaafu eraga ebipande nnannimibbirye ebyakwatibwa mu bitundu by'e Rubaga ne Kawempe.

Ekif. 4: Omwetooloolo ogugeraageranya embeera y'ennimi mu bitundu by'e Kawempe ne Rubaga.

OLUKALALA LW'EBIWAAYIRO

Ekiw. I: Ebbaluwa eraga olukusa okuva ku Ssettendekero w'e Makerere.

Ekiw. II: Olukalala lw'ebyekalirizibwa ku bipande by'amasinzizo.

Ekiw. III: Ebyabuuzibwa abatwala amasinzizo mu bitundu eby'enjawulo.

Ekiw. IV: Ebyabuuzibwa abeetabi okuzuula endowooza zaabwe ku nnimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo.

Ekiw. V: Engabanya y'obudde

Ekiw. VI: Ekiwandiiko ekisaba olukusa lw'omwetabi

Ekiw. VII: Embalirira

Ekiw. VII: Enkookero y'ebifaananyi ebyakubibwa

EKIFUNZE KY'OKUNOONYEREZA

Okunoonyereza kuno kwekaliriza embeera y'ennimi ku bipande by'amasinzizo mu kibuga Kampala nga kwekenneenya olulimi olukozesebwa ku bipande ebyo mu bitundu by'e Kawempe ne Rubaga. Twakozesa enkola ttabyawamu egattika kinnabunnyonnyozi ne kinnamiwendo okuzuula ebyokuddamu ku bibuuzo by'okunoonyereza era ebiwe twabikuŋŋaanya okuyita mu kukuba ebifaananyi by'ebipande by'amasinzizo, yintaviyu awamu n'okwekaliriza. Ebyazuulibwa byalaga nti olulimi Olungereza lwe lwali lubuutikira ennimi endala nga lwatwala ebitundu kyenda mu bisatu ku buli kikumi (93%) ku bipande byonna bye twakuba mu ebifaananyi. Luno, lwaddirirwa olulimi Oluganda olwatwala ebitundu bina ku buli kikumi (4%) mpozzi n'Oluwalabu olwatwala ebitundu bisatu ku buli kikumi (3%). Ebipande nnannimibbirye naddala ebyaliko Olungereza n'Oluganda byalabikira nnyo mu bitundu by'e Kawempe era byatwala ebitundu amakumi ana ku buli kikumi (40%). Okunoonyereza kuno kwakomekkerezebwa kukkirizza nti ennimi ezisalibwawo okukozesebwa ku bipande kiba eri abakulu n'abagoberezi b'enzikiriza ez'enjawulo era nga ekitongole kya KCCA kisaanidde okussa ebipande bino mu nteekateeka zaakyo nga kiruŋŋamya ebisingako obulungi, naddala mu kukulaakulanya ekibuga Kampala.

ESSUULA ESOOKA:

ENNYANJULA

1.1 ENNYANJULA N'EBYAFAAYO KU KUNOONYEREZA

Saussure (1916) agamba nti olulimi gwe muyuŋŋane gw'obubonero ogweyambisibwa abantu okuwuliziganya mu bulamu bwabwe obwa bulijjo. Wabula ate Chomsky (1957) ye agamba nti olulimi gwe mugatte gw'emboozi eziriko n'ezitaliiko kkomo, nga buli emu ku zo ezimbibwa okuva mu bubonero obuliko ekkomo obweyambisibwa mu kukola amakulu. Halliday (1978) ye olulimi alusonjola ng'omuteeko ogweyambisibwa abantu okukola amakulu mu mbeerabantu zaabwe nga beesigama ku ntegeerero ebaawo so si kweyambisa bweyambisa bubonero n'amateeka mu kuwulizanya. Noolwekyo, olulimi ffe tulusonjola ng'omugatte oba omuyungiro gw'obubonero omuli obuwandiike, obwogere n'obukole obukozi obweyambisibwa abantu okugabana obubaka, okulaga empulira zaabwe n'ebintu ebirala mu bulamu bwabwe obwa bulijjo.

Kampala kimu ku bibuga ebikulira ku misinde egya waggulu ennyo era nga kibeeramu abantu abava mu mawanga ag'enjawulo okwetooloola eggwanga Uganda n'ensi yonna okutwaliza awamu. Abantu bano ekirala ekibaawula z'enzikiriza ze balina ez'enjawulo mu kkowe ly'eddiini. Mu bifo by'olukale mu kibuga kino, tulabamu ennimi eziwandiikibwa nkumu era nga nnyingi ddala. Okusinziira ku Landry ne Bourhis (1997), kino kye kiyitibwa enneeyoleka y'olulimi mu lwatu oba mu lujjudde oba mu mbeerabantu (Linguistic Landscape).

Amasinzizo gano ennimi ze gakozesa ku bipande byago ziraga ebinywi by'ebibinja by'abantu mpozzi n'abo ababeera baluubirirwa okufuna obubaka obugabeerako (Blommaert, 2013). Okunoonyereza kuno kutunuulira enkozesa y'ennimi ku bipande by'amasinzizo mu kibuga Kampala. Okutabiikiriza ennimi mu bifo by'amasinzizo mu kibuga Kampala kwatandikira eyo mu biseera by'abafuzi b'amatwale. Kasozi ne banne (1994) bagamba nti mu kyasa eky'ekkumi n'omunaana, abawalabu baaleeta enzikiriza y'Obusiraamu n'olulimi Oluwalabu mu Buganda ne mu Uganda yonna okutwaliza awamu. We bwatuukira mu myaka gya 1870 nga Kabaka Muteesa I owa Buganda yawagira dda nnyo enzikiriza eno ey'Obusiraamu. Kabaka ono yalagira

olulimi Oluwalabu okukozesebwanga mu ssaala z’enzikiriza eno era ziwandiikibwenga ne mu kkooti omwasalirwanga emisango. Ensonga eno ye yaleetera olulimi Oluwalabu okufuuka olulimi olutambulizibwako enzikiriza y’Obusiraamu mu Uganda.

Ebbanga bwe lyayita, enzikiriza y’Obukulisitaayo nayo yaleetebwa abaminsane era eno ye yakyusa enkozesa y’olulimi mu Uganda. Pirouet (1978) agamba nti Abaminsane Abakulisitaayo bajja mu Uganda mu mwaka gwa 1877 ate bo Abakatuliki bajja mu mwaka gwa 1879. Bano bajja kusomesa bannansi ebikwata ku nzikiriza zaabwe era baavvuunula ne bayibuli zaabwe okuzizza mu nnimi ennansi nnyingi naddala olulimi Oluganda. Bano baayongerako n’okusomesa bannansi okusoma n’okuwandiika. Nakayiza (2016) agamba nti olulimi Olungereza lwafuuka lulimi lwa maanyi nnyo era lwe lwalinga lukozesebwa mu mbeera entongole. Kino kyajjawo oluvannyuma lw’okutandika okulusomesa bannansi mu masomero n’okulukozesa mu gavumenti z’ebitundu. Ssentanda ne banne (2019) bagamba nti olulimi Oluganda lwe lulimi olukyasinze okukozesebwa abantu mu kuwuliziganya mpozzi n’okwoleka obuwangwa bwabwe mu ggwanga lya Uganda.

Olwaleero, ebifo by’amasinzizo eby’enjawulo mu kibuga Kampala biraga ebyafaayo bino. Emizikiti gy’Abasiraamu gyeyambisa nnyo Oluwalabu awamu n’Oluganda oba Olungereza. Kino kiraga nti abantu bano babeera beegasse ku ttundutundu ly’Abasiraamu mu nsi yonna. Isingoma (2021) agamba nti amasinzizo g’Abakulisitaayo ebiseera ebisinga gakozesa lulimi Lungereza ku bipande byago naye nga mu kwaniriza abagenyi ababeera bagazzeemu ne mu kukola emirimu egikolebwa abantu awamu mu mbeerabantu, abagaddukanya beeyambisa lulimi Luganda okusobola okugya mu mbeerabantu y’abantu abayitibwa Abaganda abajjudde mu kibuga Kampala..Mu kuwumbawumba, eddiini mu Kampala erimu okukolagana okw'amaanyi wakati w'enzikiriza ez'enjawulo, okukuba kw'ebide by'ekkanisa/ekeleziya n'okwaziina kw'Abasiraamu byombi bikola omulimu munene mu mbeerabantu y'ekibuga.

1.2 OKWASANGUZA EKIZIBU

Okusinziira ku Ssentanda ne banne (2019), ekibuga Kampala kirimu abantu abava mu mawanga ag'enjawulo ekitegeeza nti boogera ennimi za njawulo. Okunoonyereza okwakolebwa Landry ne Bourhis (1997) kulaga nti ennonda y'ennimi ezikozesebwa ku bipande eraga abantu ababa bali mu buyinza mu mbeerabantu ez'enjawulo. Newankubadde ng'okunoonyereza kungi kukoleddwa ku nnimi ezikozesebwa ku bipande ebiri mu kibuga Kampala, abanoonyereza abasinga obungi essira balissa ku lulimi olukozesebwa ku bipande byobusuubuzi, ebyokulabula n'ebiranga amatundiro ag'enjawulo oba enteekateeka za gavumenti (Laba Ssentanda ne Ncube, 2023), ne (Ssentanda, 2022) bye boogerako. Olulimi olweyambisibwa ku bipande by'amasinzizo luteereddwako essira ttono ddala era kyenkana lusuuliddwa muguluka okwetooloola diviizoni ettaano ezikola ekibuga Kampala. Wadde nga waliwo ebipande by'amasinzizo bingi mu kibuga Kampala era okunoonyereza kukoleddwa ku nnimi ezikozesebwa mu bipande ebyo, wakyaliwo obwetaavu bw'okwekenneenya olulimi olukozesebwa ku bipande ebyo naddala mu kitundu kya Kampala. Abantu boogera ennimi ez'enjawulo mu Uganda, omuli ennimi ennansi n'ennimi engwira ez'enjawulo gamba ng'Olungereza n'Oluswayiri n'endala nnyingi. Okulagajjalira ensonga ng'eno kiremesezza okutegeera engeri ebipande by'amasinzizo gye bikosaamu oba gye biruŋŋamyamu empuliziganya y'abantu, ebyobuwangwa, n'enkolagana mu kibuga ekikulaakulana amangu. Awatali kunoonyereza okw'engeri eno, emikisa gy'okuluŋŋamya ku nsonga z'ennimi, okuteekerateekera ekibuga, n'okukubaganya ebirowoozo mu nzikiriza ez'enjawulo mu Kampala gisigala nga tegikozeseddwa. Noolwekyo, bwe tunaazuula olulimi olukozesebwa ku bipande bino, okunoonyereza kuno kujja kuyambako okwongera ku kumanya okuliwo ku nnimi ezikozesebwa ku bipande bino, ensonga lwaki ze zikozesebwa n'endowooza z'abantu ababeera mu kibuga Kampala ku nnimi ezo.

1.3 EBIGENDERERWA

1.3.1 Ekigendererwa eky'awamu

Okutwaliza awamu, okunoonyereza kuno kwaluubirira okwekenneenya olulimi olukozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu Kampala.

1.3.2 Ebigendererwa ebironde

i) Okuzuula ennimi ezikozesebwa ku bipande eby'amasinzizo mu Kampala.

ii) Okwekaliriza ensonga ezisinziirwako okulonda ennimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu Kampala.

iii) Okwekenneenya endowooza z'abantu ku nnimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu Kampala.

1.4 EBIBUUZO BY'OKUNOONYEREZA

i) Nnimi ki ezeeyambisibwa ku bipande by'amasinzizo mu Kampala?

ii) Nsonga ki ezisinziirwako okusalawo olulimi olukozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu Kampala?

iii) Ndowooza ki ez'enjawulo abantu ze balina ku nnimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu Kampala?

1.5. OBWETAAVU BW'OKUNOONYEREZA

Okunoonyereza kuno kwetaagisa olw'obwetaavu bw'okuziba emiwaatwa egiri mu kunoonyereza ku lulimi olweyambisibwa ku bipande by'amasinzizo mu Kampala. Abanoonyereza bangi bakkaatirizza okunoonyereza ku byobusuubuzi okusinga ebyeddiini. Mu mbeera y'okukulaakulana kw'ebibuga n'okukulaakulana kw'amadiini mu Kampala, okutegeera ennimi ku bipande by'amasinzizo ku nguudo kisobola okulaga amaanyi n'enkyukakyuka mu byobuwangwa, nga kiwa amagezi ku nkola ya nnanniminnyingi n'empuliziganya y'abantu bonna. Ensonga endala, okunoonyereza kuno kujja kuwa obujulizi ku ngeri enzikiriza z'eddiini gye zikwataganamu n'ennimi mu bulamu bw'abantu obwa bulijjo.

1.5.1 Omugaso gw'okunoonyereza

Ebyazuulibwa mu kunooonyereza kuno bisuubirwa okwongera ku bumanyi obuliwo ku nkozesa y'ennimi mu bantu era byongere n'okugaziya ku kunoonyereza okukoleddwa ku byennimi mu Afirika, naddala okwo okwekuusa ku nkozesa y'ennimi mu bifo ebisinzizibwamu.

Mu ngeri y'emu, ebyava mu kunoonyereza kuno bisuubirwa okuwa obulagirizi eri abateekerateekera ebibuga n'abatwala enzikiriza z'eddiini ez'enjawulo mu kukola

ebipande ebitegeerekeka n’okwongera ku busobozi bw'okutuuka ku bantu ab'enjawulo aboogera ennimi ez'enjawulo.

1.6 OMUZIMBO GW’ENNYINYONNYOLERO

Omusingi omukulu okwesigamiziddwa okunoonyereza kuno gwe gwa Landry ne Bourhis (1997) oguyitibwa enneeyoleka y’olulimi mu mbeerabantu (Linguistic Landscape). Mu kitegeerero kino, Landry ne Bourhis bannyonnyola nti olulimi olusalibwawo okukozesebwa ku ebipande lulaga amaanyi g'olulimi olwo n’aboobuyinza mu mbeerabantu gye lukozesebwa. Mu kunoonyereza kuno, ennyinyonnyolero eno yakozesebwa okwekenneenya ennimi ez’enjawulo ezikozesebwa ku bipande by’amasinzizo era ng’eyambyeko okutegeera ennimi ezibuutikira endala mu bifo eby’enjawulo mpozzi n’okutubagulizaako ku muluko gw’ennimi eziri mu bitundu ebyo. Landry ne Bourhis (1997) bongera ne balambika nti ennimi zino zissaawo ensalo ku bugazi bw’ebifo mwe zeegazaanyiza awamu n’okulaga ekitiibwa ekyeyolekera ku nnimi ezo. Enteekateeka eno gye twasinze okweyambisa. Okwongereza ku kino, “geosemiotics” eyabagibwa Scollon ne Scollon (2003) nayo essa essira ku ngeri ebipande n’enkozesa y’obubonero gye bikwataganamu oba gye bituukanamu n'ebitundu mwe biri oba mwe bikozesebwa. Eno yo teyeeyambisiddwa mu kunoonyereza kuno wabula eyogeddwako bwogezi. Okusinziira ku Blommaert (2010), waliwo n'okunoonyereza ku kwekenneenya engeri ennimi z'ensi yonna n'ez'omu bitundu gye zikolaganamu**.** Bino byonna awamu byawa ekifaananyi ekigazi eky’okunoonyereza kuno.

1.7 OBUGAZI BW’OKUNOONYEREZA

Obugazi bw’okunoonyereza kuno bunnyonnyola ebyo ebyassibwako essira n’ebyo ebitassibwako. Tunnyonnyola ekkomo ly’ekifo, ekkomo ly’omunyusi n’ekkomo ly’ekiseera.

1.7.1 Ekkomo ly’ekifo

Okunoonyereza kuno kwakolebwa mu bitundu ebikola Kawempe ne Rubaga mu Kampala, okuliraana Disitulikiti ya Wakiso mu bugwanjuba ne mu bukiikaddyo, Kampala Central mu buvanjuba, ne Kawempe mu bukiikakkono. Ebifo ebikulu ebikola diviizoni y’e Rubaga mulimu Mutundwe, Nateete, Ndeeba, Lungujja, Busega, Lubaga, Mengo, Namungoona, Lubya, Lugala, Bukesa, Namirembe, Naakulabye, Kasubi, ne Kawaala, nga essira liteekeddwa ku nguudo enkulu ebipande

by'amasinzizo we buli. Diviizoni eno erimu ebigo kkumi na bisatu (13) era erimu abantu 383,216 okusinziira ku Uganda Bureau of Statistics (2024). Diviizoni y'e Kawempe erimu emiruka kkumi na mwenda (19) n'ebyalo lusanvu nsanvu mu kimu (771). Emiruka mulimu Bwaise I, Kanyanya, Kazo ward, Kyebando, Makerere III, Mulago II, Bwaise II, Kawempe I, Kikaya, Makerere I, Mpererwe, Mulago III, Bwaise III, Kawempe ii, Komamboga, Makerere II, Mulago I, Makerere University. Mu kunoonyereza kuno, ebifo omwatuukibwa mwalimu Makerere II, Mulago I, Makerere University, Bwaise I, Kanyanya, Kazo ward, Kyebando, Makerere III, Mulago II, Bwaise II, Kawempe I ne Mpererwe mu diviizoni y'e Kawempe. Mu Rubaga, twasobola kutuuka mu bitundu by'e Namirembe, Nankulabye, Kasubi, ne Kawaala, Ndeeba, Lungujja, Busega, Lubaga, Mengo ne Namungoona. Eno gye twajja ebiwe byonna bye twannyonnyodde mu alipoota eno.

1.7.2 Ekkomo ly'omunyusi

Essira ly'okunoonyereza kuno lyassibwa ku nnimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu Kampala. Abanoonyereza beekaliriza ensonga lwaki ennimi ezo ezazuulibwa ze zaasalibwawo okukozesebwa ku bipande by'enzikiriza mu Kampala. Mu ngeri endala, n'endowooza z'abantu ku nnimi ezisinga okweyambisibwa ku bipande by'amasinzizo mu Kampala zaazuulibwa.

1.7.3 Ekkomo ly'ekiseera

Okunoonyereza kuno kwamala ebbanga lya myezi ena okuva mu Gwokubiri (Mukutulansanja) okutuuka mu Gwomukaaga (Ssebaaseka) ogw'omwaka 2026.

ESSUULA EY'OKUBIRI:

OKWEKALIRIZA EBIWANDIIKO KEEKWANYA

2.1 ENNYANJULA

Essuula eno egenderera kwekenneenya ebiwandiiko eby'enjawulo ebyekalirizibwa okusobola okunnyonnyola ebyo ebyatuukibwako edda abanoonyereza ab'enjawulo. Ku kumanya kuno kwe twesigama okuzuula emiwaatwa egiri mu ebyo ebyazuulibwa edda era okunoonyereza kuno we kwateeka essira. Wammanga by'ebigendererwa oba emiramwa egy'enjawulo egyekalirizibwa ku biwandiiko keekwanya.

2.2 ENNIMI EZIKOZESEBWA KU BIPANDE BY'OLUKALE

Abanoonyereza abasinga bettanidde nnyo ebibuga okwetooloola ensi yonna. Gorter (2006) agamba nti olulimi lutweyoleka kumpi mu buli kintu, ku bipande, ebirango n'ebintu ebirala. Mu kunoonyereza kuno, twekenneenya olulimi olweyambisibwa ku bipande. Bwe twekaliriza obwebungulule obulimu ennimi ezisukka mu lumu naddala mu kwogera ne mu kuwandiika, twazuula ebitendo ebissibwako essira ku lulimi olukozesebwa ku bipande. Okusinziira ku Budarina (2015), abantu bwe batuuka mu kifo ekipya batera nnyo era bafuba okukwatagana n'ekifo ekyo nga bayita mu kusoma ku bipande, ebirango, n'obupande obuliko obubaka, ebibayamba okumanya ebikwata ku kifo ekyo n'okwogera n'abantu ababeera mu kifo ekyo. Cenoz ne Gorter (2006) beetegereza ebintu ebingi ebiyinza okutegeeza ebiwandiiko mu mbeerabantu zaffe. Bano bassaawo ebibinja oba amatuluba mwe bayinza okwekkaanyiza ensonga zino awamu. Okugeza; Olulimi lukozesebwa lutya? Wa ewateekebwa ebipande? Musono ki ogusaanidde okukozesebwa? Nnimi mmeka eziri ku bipande? Lulimi ki olusinga okweyoleka? n'ebirala. Nash (2016) yeebuuza oba ng'okunoonyereza ku bipande by'amasinzizo kwa mugaso. Ono yali aluubirira kuzuula ensonga oba nga okwekenneenya olulimi olukozesebwa mu buwandiike ne mu bubonero ku bipande kirina ettoofaali lye kyongera mu kisaawe ky'ebyennimi. Ayongerako nti abanoonyereza batunuulira nnyo olulimi ne bassa essira ttono ku mbeerabantu yennyini mwe lukozesebwa. Ensonga gy'awa agamba nti ku ludda olumu akkiriza kyokka ate erudda takkiriza mugaso gwa kunoonyereza ku bipande by'amasinzizo. Wano we yasinziira okwekenneenya olulimi ku bipande era nga Tufi ne Blackwood (2010) bwe baluŋŋamya nti enkola ezikozesebwa okukuŋŋaanya n'okubinjawaza

ebipande oba obubonero zirimu obukuubagano. Okutwaliza awamu ebizuulo, kyatulekera ebibuuzo bingi era y'ensonga eyatusikaasika emmeeme okukola okunoonyereza ku nnimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo tutere tuzuule ebyokuddamu oboolyawo tubeeko n'amagezi amapya ge tugatta ku nsonga eno.

2.3 ENSONGA EZISINZIIRWAKO OKULONDA ENNIMI EZIKOZESEBWA KU BIPANDE

Kayam (2012) agamba nti byonna ebikiikirira olulimi mu mbeerabantu oba mu lukale omuli obubonero n'ebipande bibaako ensonga oba obubaka obw'essimba bwe bituusa mu mbeerabantu mwe bisangibwa. Ayongerako nti olulimi olweyambisibwa ku bipande lutuusa obubaka nti abeekinywi ky'olulimi olwo baanirizibwa mu kifo ekyo oba bakiikirirwa bulungi mu bitundu ebyo. Landry ne Bourhis (1997) bagamba nti olulimi olukozesebwa ku bipande by'oku nguudo, ebipande ebiranga, amannya g'obuguudo, amannya g'ebifo, ebipande by'amatundiro n'ebipande ku bizimbe bya gavumenti lugattibwa wamu okukola oba okutondawo ekifaananyi ky'olulimi olukozesebwa mu matwale, ettundutundu oba ebibuga eby'enjawulo. Bongera ne bekkaanya olulimi nga bwe lweyambisibwa mu buwandiike mu bifo ebyolukale. Bano bannyonnyola olulimi Olungereza nga bwe lulina ettundu ddene lye luzannya mu kukosa ennimi ennansi okwetooloola ensi yonna. Backhaus (2006) akkaatiiriza okuyita mu kunoonyereza kwe yakola e Tokyo nti olulimi Olujapaani lwe lusinga okweyambisibwa ku bipande newankubadde nga Olungereza, Olucayina n'Olukoleya zaatandika okweyambisibwa abatuuze naye Olujapaani luzibuutikira okulaga obuyinza mu mirimu emitongole oba egya gavumenti. Keshet ne Popper-Giveon (2019) bo bakkaatiriza nti abo ababeera bali mu buyinza mu bitongole eby'enjawulo be basalawo nnimi ki ezeeyambisibwa mu mbeerabantu zaabwe. Bongerako nti enkola z'ennimi ezigobererwa zissibwawo bakulu naye ate abantu abafugibwa be bazissa mu nkola. Ekiwandiiko kyabwe kifa ku lulimi olweyambisibwa mu mbeerabantu ezirimu abantu ab'ennimi ez'enjawulo. Ensonga zino zonna okutwaliza awamu bwe twazeekkaanya, kye kyatusikiriza okukola okunoonyereza kuno tuzuulire ddala ensonga ezisinziirwako okulonda ennimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo.

2.4 ENDOWOOZA Z'ABANTU KU NNIMI EZIKOZESEBWA KU BIPANDE BY'OLUKALE

Gorter (2013) agamba nti okunoonyereza ku mbeera y'ennimi kigenderera okwongera okumanya ku nkozesa y'ennimi ez'enjawulo mu bantu ng'essira lissibwa ku ngeri abantu gye balondamu ennimi, enkola y'ennimi, enkwatagana wakati w'ennimi ez'enjawulo, amateeka agafuga ennimi, n'ebikwata ku kusoma n'okuwandiika. Dailey, Giles ne Jansma (2005) nabo bwe baanoonyereza mu Spain ku nnimi za "Anglos" ne "Hispanics" baafuba nnyo okutondawo embeera okuzuula endowooza z'abantu ku nnimi zombi mu ntegeerero ez'enjawulo. Baazuula nti okubeerawo n'obukozesa bw'olulimi bikendeeza ku ndowooza embi mu bantu ku nnimi ezo. Ensonga zino ze zaatusikiriza okukola okunoonyereza kuno tusobole okuzuula endowooza z'abantu ku nnimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo.

2.5 ENKUBIRA

Bwe twekenneenya ebiwandiiko ebyo eby'enjawulo, twakizuula nti okunoonyereza okusinga kuteeka essira ku bipande byonna ebikozesebwa mu lukale ne babitwalira wamu so ng'ate ebipande ebyo eby'enjawulo birina enkalira zaabyo. Noolwekyo, twakizuula ng'olulimi olukozesebwa ku bipande by'amasinzizo lubuusibwa amaaso so ng'ate lwandibadde nalwo lulowoozebwako. Awo we twazuula omuwaatwa ogwetaaga okuziba era okunoonyereza kuno kwafuba nnyo okwekaliriza olulimi olweyambisibwa ku bipande bino. Okulabika kw'ennimi ezimu ku bipande kiyamba okutegeera obukulu bw'ennimi ez'enjawulo, kubanga ennimi ezisinga okwogerwa zitera okulabikira ennyo mu bipande by'olukale, ekiraga enkola y'obukulembeze mu mbeera y'ennimi. Okugatta ku nsonga eyo, ennimi eziragibwa ku bipande by'olukale ziyamba okuluŋŋamya endowooza z'abantu ku nnimi ezisaanira okukozesebwa mu by'obuwangwa n'empuliziganya entongole, omuli n'empuliziganya y'eddiini. Okweyongera kw'okulaba ennimi ezimu mu bipande by'amasinzizo kinyweza obuganzi bwazo n'okukkirizibwa kwazo mu kitundu ekyo. Kino kiraga nti ebipande by'amasinzizo tebikoma ku kuwa bubaka wabula era bikola n'omulimu mu kuzzaawo ennimi ez'enjawulo ezikozesebwa mu kusinza. Mu bifo ebirimu ennimi ennyingi, okubeerana kw'ennimi ez'enjawulo ku bipande kiraga engeri ennimi gye zibeeramu awamu era n'engeri gye zikwataganamu mu kitundu. Ku luuyi olulala, obutabeerawo bw'ennimi ezimu kiyinza okulaga obutabeerawo bw'abantu abamu mu bifo ebimu gamba ng'abo ab'enzikiriza emu. Kino kiraga engeri okukozesa ennimi ku bipande

gye kiyinza okulaga ensonga ennene ezikwata ku byenfuna, okukiikirirwa, n'okwenyigira mu kusinza. Mu kuwumbawumba, okunoonyereza ku nnimi eziri ku bipande kyatuyamba okwekenneenya engeri ennimi ezo gye zikozesebwa mu bifo by’olukale okusobola okutaasa obuwangwa n'ennimi ezibitambulirako.

ESSUULA EY’OKUSATU:

ENKOLA Z’OKUNOONYEREZA

3.1 ENNYANJULA

Essuula eno ennyonnyola engeri okunoonyereza gye kwakolebwamu. Ennyonnyola enkola n'obukodyo obwakozesebwa mu kukuŋŋaanya n'okwekenneenya obubaka. Ekitundu kino kiraga emitendera abanoonyereza gye baayitamu okuddamu ebibuuzo by'okunoonyereza n'okutuuka ku biruubirirwa by'okunoonyereza kuno. Kino kyayambako okukakasa nti okunoonyereza kwali kutegekeddwa bulungi, kwa mazima, era nga kwa mugaso.

3.2 EMPENDA Y’OKUNOONYEREZA

Okunoonyereza kuno kweyambisa enkola ttabyawamu egattika kinnabunnyonnyozi ne kinnamiwendo. Enkola kinnabunnyonnyozi yakozesebwa mu kubuuza ebibuuzo eby’okwanukula mu bwogere era ebyabuuzibwa abantu abakwatibwako obutereevu mu bitundu eby’enjawulo. Mu nkola eno tweyambisa empapula n’ekkalaamu okuwandiika ebyo ebyayanukulwanga abeetabi.

Enkola kinnabunnyonnyozi yaliikirizibwa n’enkola kinnamiwendo eyagenderera okussa emiwendo ku ebyo ebyazuulibwa era eno yeeyambisibwa nnyo mu kumanya ennimi ezikira endala okukozesebwa ku bipande n’ebifo mwe zisinga okweyambisibwa.

3.3 EMPUNDA Y’OKUNOONYEREZA

Mu kunoonyereza kuno, twakozesa empunda ya ttabyawamu (Mixed methods) egattika kinnabunnyonnyozi ne kinnamiwendo.

3.4 EKIFO KY’OKUNOONYEREZA

Okunoonyereza kuno kwakolebwa mu diviizoni bbiri ku ezo ettaano ezisangibwa mu Disitulikiti ya Kampala: Kawempe ne Rubaga. Diviizoni ya Kawempe erimu emiruka kkumi na mwenda (19) n'ebyalo lusanvu mu nsanvu mu kimu (771) okusinziira ku Uganda Bureau of Statistics (2024). Diviizoni ya Rubaga nayo yanoonyerezebwamu era ng’eno kitundu kya gavumenti eky’emiruka kkumi n’esatu (13) mu bugwanjuba bwa Kampala. Mu kunoonyereza kuno twatuuka mu bifo omwali Makerere II,

Mulago I, Makerere University, Bwaise I, Kanyanya, Kazo ward, Kyebando, Makerere III, Mulago II, Bwaise II, Kawempe I ne Mpererwe mu diviizoni y'e Kawempe. Mu Rubaga, twasobola kutuuka mu bitundu by'e Namirembe, Naakulabye, Kasubi, ne Kawaala, Ndeeba, Lungujja, Busega, Lubaga, Mengo ne Namungoona. Eno ye waggyibwa ebiwe byonna ebinnyonnyoddwa mu alipoota eno. Kino kyakolebwa okusobola okwongera ku bukiikirizi mu kunoonyereza kuno.

Ekif. 1: *Maapu eraga ebitundu by'omu Kampala okunoonyereza mwe kwakolebwa.*



3.5 ABANTU ABAANOONYEREZEBWAKO

Abantu abaanoonyerezebwako beebo abasoma ku bipande by'amasinzizo ku nguudo era abaasangibwa mu diviizoni ya Rubaga ne Kawempe. Abantu bano baalondebwa lwa nsonga nti be basinga okwolekana n'ebipande by'amasinzizo bino ebbanga erisinga obunene okusingako abo ababisomako nga bayita buyisi mu bitundu ebyo.

3.6 OBUKODYO BW'OKULOBOZA

Okunoonyereza kuno kweyambisa enkola y'okuloboza kinnamugaso (purposive sampling) okulonda Kawempe ne Rubaga okukiikirira ekibuga Kampala. Kino kyakolebwa kiti lwa nsonga nti diviizoni y'e Kawempe emanyiddwa nnyo ng'ekifo ekirimu abantu abasinga obungi nga ba nzikiriza ya Busiraamu okusinziira ku Uganda Bureau of Statistics (2024). Okwawukanako n'ekyo, diviizoni y'e Rubaga yo

yalondebwa lwa byafaayo eby’enzikiriza y’Obukulisitaayo by’erina n’amasinzizo amangi agagirimu. Mu kunoonyereza kuno twatuuka mu bifo omwali Makerere II, Mulago I, Makerere University, Bwaise I, Kanyanya, Kazo ward, Kyebando, Makerere III, Mulago II, Bwaise II, Kawempe I ne Mpererwe mu diviizoni y’e Kawempe. Emiruka gino gyalondebwa okuyita mu nkola y’okulondoba nnakifo (Cluster sampling) okusobola okukiikirira embeerabantu ez’enjawulo. Bwaise ne Kawempe I zisangibwamu nnyo ebipande by’enzikiriza y’Obusiraamu, Makerere esangibwamu nnyo abantu abayivu ate Mpererwe, Kyebando ne Kanyanya bisangibwamu nnyo abantu ba bulijjo okusinziira ku Uganda Bureau of Statistics (2024). Mu Rubaga, twasobola okutuuka mu bitundu by’e Namirembe, Nakulabye, Kasubi, ne Kawaala, Ndeeba, Lungujja, Busega, Lubaga, Mengo ne Namungoona. Emiruka egyo gyekalirizibwa bulungi era ng’ebitundu omwali; Namungoona, Namirembe ne Rubaga gyalondebwa lwa nsonga nti gye gisingamu ennimi ezikozesebwa okwoleka obuyinza mu bitundu ebyo. Ndeeba, Busega ne Kawaala gyalondebwa lwa nsonga nti gitabya wamu ennimi ez’enjawulo naddala mu b’enzikiriza y’Obukulisitaayo. Byonna bino biwagirwa Uganda Bureau of Statistics (2024).

3.7 OBUKODYO BW’OKUKUŋŋAANYA EBIWE

Ekitundu kino kiraga obukodyo n'enkola bye twakozesa mu kukuŋŋaanya obubaka obwetaagisa mu kunoonyereza. Okukuŋŋaanya obubaka obulungi kikulu nnyo okusobola okufuna obubaka obutuufu era obwesigika obukwata ku bibuuzo by'okunoonyereza. Enkola ezaalondebwa zaatuyamba okukakasa nti obubaka obwakunŋŋaanyizibwa bwali busobola okwekenneenyezebwa era nga buwagira ebigendererwa by'okunoonyereza kuno. Obukodyo obwo bwe buno wammanga:

3.7.1 Yintaviyu

Enkola y’okubuuza ebibuuzo mu kunoonyereza kuno nayo yakozesebwa. Mu kukola kino, abaaluubirira baali bantu abakulu okugeza nga; abakulembeze b'eddiini, abantu be twasanga mu bitundu, abakugu mu nnimi, n'abantu ssekinnoomu abali bavunaanyizibwa ku bipande by’amasinzizo. Abantu abo be twalonda okubuuza kubanga be babeera mu bitundu bino era nga be baali boolekana n’ebipande by’amasinzizo bino ebbanga erisinga obunene. Bano be bategesi baabyo ate abalala be baluubirirwa ebbanga erisinga obunene. Okuyita mu kubuuza ebibuuzo ebyali

bitegekeddwa obulungi, twafuna ebyanukulo ebiwerako nga bikwata ku nsonga ezaali ziviirako okulondawo ennimi ez'enjawulo okukozesebwa ku bipande by'amasinzizo, obukulu bwazo mu byobuwangwa oba ebyeddiini, endowooza ku kutabyamu kw'abantu bonna oba obutabatabyamu. Nga tetunnatandika kubuuza bibuuzo, twasookanga ne tusaba omwetabi olukusa olutukkiriza okukwata amaloboozi ge mu kiseera nga yintaviyu egenda mu maaso era abamu baatukkirizinga wadde ng'abalala baagaana. Abaagaana twayongera ne tubannyonnyola ensonga eyatukwatisanga amaloboozi nti yali ya bya kiyivu byokka so si kugakozesa wantu walala wonna. Abamu baamala ne batukkiriza okubakwata amaloboozi wadde ng'abalala era baagana n'oluvannyuma lw'okubannyonnyola ensonga ezo ezaali zikakasa obukusike bwabwe. Okukwata amaloboozi n'okuwandiika emboozi zino kyatusobozesa okwekenneenya obulungi n'okwekaliriza ensonga z'abantu, ebyobuwangwa, n'ebyobufuzi ebikwata ku nkozesa y'ennimi. Engeri eno yatuwa okutegeera okugazi kwe twayongereza ku ebyo bye twali tulabye ku bipande byennyini.

3.7.2 Okwekaliriza

Twekaliriza ebipande by'amasinzizo eby'enjawulo era twekaliriza olulimi olubikozesebwako n'enfaanana zaabyo. Twasobola okukuba ebifaananyi by'ebipande byonna bye twalaba okusobola okulaga obukakafu ku ebyo bye twazuula mu kunoonyereza kuno. Kino kyatuyamba okubibinjawaza okusinziira ku bifo mwe twabisanga, enzikiriza zaabyo n'okwekaliriza abakozesa baabyo. Bwe twagatta ebifaananyi by'ebipande bino n'ebyokuddamu okuva mu bantu ab'enjawulo, kyatusobozesa okulaga obulungi ekifaananyi ekigazi eky'ensonga enkulu ey'okunoonyereza kuno.

3.8 ENKOLA Z'OKUTUMBULA OMUTINDO

Mu kunoonyereza kuno, twakakasa nti omutindo gw'ebyazuulibwa gwali gwa waggulu ddala. Twasooka kwekaliriza butuufu bwayo, obwesigika bwabyo, n'obutakyukakyuka bwabyo. Bino twabituukako nga tukozesa olukalala lw'ebyokwetegereza ku bipande okuva mu bitundu eby'enjawulo mwe twakolera okunoonyereza. Olukalala olwo lwali lulambika ekifo ekipande mwe kyasangibwa, ennimi ezaakiriko n'olulimi olwali lusinga okukyeyolekerako. Twakozesa endasabifaananyi ku masimu agaali galasa obulungi okulagira ddala ebipande ebyo nga bwe byali bifaanana. Mu ngeri y'emu, twakozesa olukalala lw'ebibuuzo

okusobola okuzuula ensonga lwaki abasalawo okukozesa ennimi ze basalawo okukozesa ku bipande by’amasinzizo bakola batyo. Ebibuuzo bino twabitabyamu ebikugire n’ebyo ebyali bikkiriza abeetabi okwetaaya ku byokuddamu byabwe. Endowooza z’abantu ab’enjawulo nazo twazifuna nga tukozesa olukala lw’ebibuuzo era nga nabyo twabitabyamu ebikugire n’ebyo ebyali bikkiriza abeetabi okwetaaya ku byokuddamu byabwe. Twakozesa enkola z’okunoonyereza ennuŋŋamu obulungi okusobola okutuuka ku mutindo oguluubirirwa era twawandiikanga awamu we tutaasobola kukwata maloboozi g’obubaka bwonna bwe twafuna mu lugendo lw’okunoonyereza kuno. Twakeberanga ebiwe bino olutatadde okuzuula ensobi zonna n’ebikyukakyuka byonna bisobole okulongoosebwa n’okutereezebwa. Bwe twakozesa enkola ezo ez’okukuuma omutindo, twagenderera kukakasa nti byonna bye twazuula mu kunoonyereza kuno byali byesigamye ku mutindo ogwa waggulu era ogwesigika.

3.9 ENKOLA Y’OKWEKENNEENYA EBIWE

Mu kunoonyereza kuno, twakozesa enkola egattika enkola kinnabunnyonnyozi ey’okwekenneenya ebiwe, n’enkola kinnamiwendo ey’okwekenneenya ebiwe. Twasooka kutegeka na kulongoosa bubaka bwe twali tukuŋŋaanyizza okusobola okuggyamu obutakwatagana bwonna oba ensobi ze twasangamu. Twaddiŋŋana okuwuliriza amaloboozi ge twakwata mu yintaviyu okukakasa nti byonna bye twali tufunyeemu byali bituufu era nga tebikyukakyuka. Twakozesa n’ebiwandiiko bye twali tuwandiise okuva mu byokuddamu abantu bye baatuwa ku ndowooza zaabwe ku nnimi ezikozesebwa ku bipande mpozzi n’ebyo abatwala amasinzizo bye baatuwa kwe basinziira okusalawo ennimi ze bakozesa ku bipande byabwe eby’amasinzizo. Mu ngeri y’emu twakozesa enkola y’okutuuma ebitundu ku buli kikumi ku miwendo egyazuulibwa ku nnimi ezikozesebwa ku bipande eby’enjawulo. Twakuba emyeso n’emyetooloolo okusiiga ebifaananyi ng’ennimi bwe zaalinga zisiŋŋana mu bitundu eby’enjawulo nga tukozesa pulogulaamu ya Excel ku kompyuta. Okwekenneenya obubaka kuno kwatuyamba okufuna enkubira ez’omuggundu n’endowooza ez’enjawulo eziwagira ebigendererwa by'okunoonyereza kuno.

3.10 EMPISA EZAAGOBERERWA

Twateeka mu nkola amateeka g'empisa omuli okufuna okukkiriza okuva mu bantu be twabuuza ebibuuzo, okukakasa nti amannya gaabwe tegamanyibwa, n'okufuna olukusa lwabwe okukuba ebifaananyi by'ebipande by'olukale mu mpya zaabwe. Okunoonyereza kuno kwakolebwa mu ngeri egoberera empisa z'okunoonyereza nga bwe zaateekebwawo ekitongole ekikwasaganya ebyempisa mu kunoonyereza mu ggwanga lya Uganda. Okugoberera empisa z'okunoonyereza kyayambako okukendeeza ku bulabe obuva mu kunoonyereza ate era ne kisobozesa abanoonyereza okukola okunoonyereza kuno mu ngeri ewa ekitiibwa eri enzikiriza z'eddiini ez'enjawulo.

3.11 OKUSOOMOOZA KWE TWASANGA

Kuno kwe kusoomooza kwe twasanga mu kunoonyereza kuno:

i) Twasanga okusoomooza mu kukakasa obutuufu n'obwesimbu bw'obubaka obwakuŋŋaanyizibwa kubanga waaliwo ebyali bitalabika bulungi mu mpandiika ekintu ekyatukaluubiriza ennyo okutegeera obubaka. Okusoomooza kuno twakuvvuunuka okuyita mu kwekaliriza amakulu agaali gakongojjebwa mpozzi n'okubikuba ebifaananyi ne tugaziya endabyo zaabyo okwetegereza ebyali tebirabika bulungi.

ii) Engeri gye kiri nti okunoonyereza kwaffe kwazingiramu ebitundu eby'enjawulo, enjawulo mu nnimi oba enneewulira z'obuwangwa zaatulemesa okuwuliziganya obulungi n'abeetabi mu kukuŋŋaanya obubaka. Okusoomooza kuno twakuvvuunuka okuyita mu kugya mu nnimi ze twasanga abatuuze b'ebifo eby'enjawulo nga ze boogera era n'awamu twakozesanga olulimi oluzungu okutegeeragana n'abo abaali tebamanyi bulungi lulimi Luganda.

iii) Obudde obutono, ensimbi entono, byakugira nnyo omulimu gwaffe mu kukuŋŋaanya n'okwekenneenya obubaka, ekintu ekyakosa ennyo obujjuvu bw'okunoonyereza kwaffe. Okusoomooza kuno twakuvvuunuka okuyita mu kukozesa ebyo bye twalina mu busobozi bwaffe n'okwogera obulungi n'abeetabi abaali batusabayo ku nsimbi ne bakkiriza ne tubawa ekitono kye twasobola.

iv) Okufuna olukusa olwetaagisa okuva mu beetabi kwali kusoomooza kwa maanyi nnyo gye tuli, naddala engeri gye twali tunoonyereza ku bifo eby'obuwangwa oba

eby'eddiini ebyali byetaaga ennyo obwegendereza. Okusoomooza kuno twakuvvuunuka okuyita mu kweyanjula obulungi nti twali bayizi okuva ku ssettendekero Makerere era twali tuli mu kunoonyereza ng'ekimu ku byetaago by'okumaliriza diguli. Kino twakikola kukakasa beetabi nti teri na kimu ku bibakwatako kyali kijja kweyambisibwa wantu walala wonna era wano we baatukkiririzangamu ne batuwa olukusa olwali lwetaagisa okukkiriza beetabe mu kunoonyereza.

v) Abantu abasinga obungi baagaana okubakwata amaloboozi era ne bwe kiba nga baali basoose kukkiriza okutuddamu ebibuuzo, bwe twabagambanga nti twali ba kukwata n'amaloboozi gaabwe, awo nga bagaana era nga n'ekyasoose eky'okuddamu bakimenyawo. Okusoomooza kuno twakuvvuunuka okuyita mu kweyanjula obulungi nti twali bayizi okuva ku ssettendekero Makerere era twali tuli mu kunoonyereza ng'ekimu ku byetaago by'okumaliriza ddiguli. Kino twakikola kukakasa beetabi nti teri na kimu ku bibakwatako kyali kijja kweyambisibwa wantu walala wonna era wano we baatukkiririzangamu ne batuwa olukusa olwetaagisa okubakwata amaloboozi gaabwe. Engeri endala eyakozesebwa kwali kuwandiika ebyo ebyaddibwangamu ku mpapula era ekkalaamu ze zaakozesebwanga okuwandiika ebintu ebyo.

vi) Waliwo we twatambula eŋŋendo empanvu ddala nga naye mpaawo kipande kya ssinzizo na kimu kye tulaba. Kino kyatukooya nnyo era ne kitumalamu amaanyi mu kunoonyereza kwaffe. Okusoomooza kuno twakuvvuunuka okuyita mu kuwummulamu buli lwe twatambulanga ebbanga eggwanvu okwo ssaako okwezzaamu amaanyi entakera obutava ku mulamwa.

ESSUULA EY'OKUNA:

OKWANJA N'OKUNNYONNYOLA EBYAZUULIBWA

4.1 ENNYANJULA

Essuula eno egenderera okutwanjulira n'okutunnyonnyola ebyo byonna ebyazuulibwa mu kunooonyereza kwaffe. Mu ssuula eno mulimu ebyazuulibwa okuva ku bipande kyenda (90) ebyalabibwa, ebyaddibwamu abakulembeze abatwala amasinzizo era baali bataano (5), n'ebyaddibwamu abeetabi musanvu (7) okuva mu bantu be twasanga mu diviizoni y'e Rubaga ne Kawempe. Ebigendererwa ebironde okunooonyereza kuno kwe kwassa essira byali bisatu. Bino byali;

i) Okuzuula ennimi ezikozesebwa ku bipande eby'amasinzizo mu Kampala.

ii) Okwekaliriza ensonga ezisinziirwako okulonda ennimi abantu ze bakozesa ku bipande by'amasinzizo mu Kampala.

iii) Okwekenneenya endowooza z'abantu ku nnimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu Kampala.

Ebyazuulibwa twabyawuddemu mu bigendererwa bino ebisatu bye twasimbako essira mu kunoonyereza kuno.

4.2 OKUZUULA ENNIMI EZIKOZESEBWA KU BIPANDE BY'AMASINZIZO MU KAMPALA

Ebipande by'amasinzizo ebiwerera ddala kyenda (90) bye byakubibwa ebifaananyi okuva mu bitundu by'e Kawempe ne Rubaga eby'enjawulo nga bwe kiragiddwa mu mweso 1 wansi wano.


Omweso 1: *Omuwendo gw'ebipande by'amasinzizo ebyekenneenyezebwa*

Divizoni	**Ekkanisa/ Ekeleziya**	**Emizikiti**	**Amasinzizo amalala**	**Omugatte**	**Ebitundu ku buli kikumi (%)**
Rubaga	36	1	0	37	41
Kawempe	50	2	1	53	59
Omugatte	86	3	1	90	100

Omweso 1 gulaga omuwendo gw'ebipande by'amasinzizo bye twekaliriza era ne tukwata ebifaananyi byabyo. Omweso guno gulambika bulungi nti mu Kawempe,

twakwatayo ebifaananyi by'ebipande amakumi ataano mu bisatu [53] ebikiikirira ebitundu ataano mu mwenda ku buli kikumi [59%] kyokka ate mu Rubaga twakwatayo ebifaananyi by'ebipande amakumi asatu mu musanvu [37] ebikiikirira ebitundu ana mu kimu ku buli kikumi [41%]. Mu bipande ebyo mwalimu eby'ekkanisa/ekeleziya ebyali biwererera ddala amakumi ataano [50] n'amakumi asatu mu mukaaga [36] so ng'ate eby'emizikiti byali bibiri [2] n'ekimu [1] mu buufu bwa Kawempe ne Rubaga. Ebipande by'amasinzizo amalala twasobola kulabayo kimu [1] ate mu Kawempe yokka ekiraga nti gano go ag'enzikiriza endala tegalina nnyo bipande. Mu Rubaga tetwalabayo kipande kya nzikiriza ndala okwawukanako ku y'Obusiraamu n'ey'Obukulisitaayo omuli eddiini y'Obukatuliki, ey'Obukulisitaayo, ey'Abaseveniside n'ey'Obulokole. Kino kiraga nti mu Rubaga ne mu Kawempe musingamu masinzizo ga nzikiriza ezigwa mu Bukulisitaayo. Mu Kawempe ate mwo tulabamu ebipande by'emizikiti ebiwerera ddala bibiri (2) okusingako ku kimu (1) e Rubaga ekitegeeza nti obusiraamu mu bitundu bya Kawempe bukirako ku obwo obuli mu bitundu by'e Rubaga. Kino kyeyolekera mu mweso 1 waggulu ogulaga nti ebipande kinaana mu mukaaga (86) bye bikola omugatte ogwawamu ogw'ebipande by'amakanisa oba ekeleziya mu Kawempe ne Rubaga. Amakulu ge tujja mu byazuulibwa bino gali nti enzikiriza ezigwa mu Bukulisitaayo zibuutikira enzikiriza endala ng'Obusiraamu, ennansi n'endala mu bitundu byombi. Ekipande ekyalabibwa mu bitundu by'e Kawempe ekyawukana ku ebyo kyali kya nzikiriza ya kinnansi era nga kino kyoleka nti mu bitundu bino, ensinza y'Abaganda ey'ennono ekyagobererwa mu Kawempe okusingako mu bitundu by'e Rubaga.

Ekif 2: *Bbaggulaafu eraga omuwendo gw'ebipande by'amasinzizo ebyekenneenyezeddwa*



Mu bbaggulaafu eragiddwa mu Ekif 2 waggulu, mu Kawempe twalabayo ebipande by'amakanisa/ekeleziya amakumi ataano (50), ebipande by'emizikiti bibiri (2), n'ekimu eky'essinzizo eddala lyonna era nga lino lyali lya kinnansi. Ku ludda luli, mu bitundu by'e Rubaga twalabayo ebipande amakumi asatu mu mukaaga (36) eby'amakanisa/ekeleziya, ekipande kimu eky'omuzikiti (1) naye mu bitundu mwe twatuuka, tetwasobola kulabayo kipande kya nzikiriza ndala yonna. Obubaka buno bulaga nti ebitundu by'e Kawempe bibuutikirwa ebipande by'enzikiriza ezeetooloolera ku Bukulisitaayo okusinga eby'Obusiraamu oba enzikiriza endala yonna bwe tubigeraageranya n'ebitundu ebikola Rubaga bye twatuukamu. Okusinziira ku nnyinyonnyolero gye twagoberera mu kunooonyereza kuno eya Landry ne Bourhis (1997), twakizudde ng'ebipande bino bitusongera ku bantu nnabaki ababeera mu bitundu by'e Kawempe ne Rubaga. Landry ne Bourhis bannyonnyola nti olulimi olusalibwawo okukozesebwa ku ebipande lulaga amaanyi g'olulimi olwo n'aboobuyinza mu mbeerabantu gye lukozesebwa. Ebipande bino bye twazuula byatulaga nti abantu abali mu buyinza naddala mu nzikiriza z'eby'eddiini mu bitundu bino beebo ab'enzikiriza ezeekuuusa ku Bukulisitaayo (Christianity) mu bitundu byombi.

Omweso 2: *Ebipande nnannimibbirye ebyakwatibwa mu bitundu by'e Rubaga ne Kawempe*

Ennimi	**Rubaga**	**Kawempe**	**Omugatte**	**Ebitundu ku buli kikumi(%)**
Lungereza + Luganda	0	2	2	40
Lungereza+Luwalabu	0	2	2	40
Luganda+Luwalabu	1	0	1	20
Omugatte	1	4	5	100

Omweso 2 gulaga ebipande nnannimibbirye bye byakwatibwa mu bitundu by'e Rubaga ne Kawempe. Abanoonyereza baasobola okuzuula ebifaananyi ebiraga ebipande nnannimibbirye eby'amasinzizo mu bitundu byombi era twakwata ebifaananyi bya bipande bina [4] e Kawempe okwawukanako n'ekimu [1] e Rubaga. Kino kyayoleka ensonga nti ebipande nnannimibbirye tebyettannirwa mu bitundu byombi wadde nga mu Kawempe byakirako ebyali e Rubaga newankubadde ebipande nnalulimirumu bye bisinga okukozesebwa mu bitundu byombi. Mu bitundu by'e

Rubaga mwe twatuuka, tetwasobola kulabayo kipande kyonna kiriko lulimi Lungereza n'Oluganda kubanga ebisinga ku bye twalaba byali bya nnalulimirumu. Kino kitegeeza nti mu bitundu ebyo, abantu abaluubirirwa batuuka mangu ku lulimi Olungereza oba Oluganda nga zikozeseddwa zokka na zokka. Obutafaananako ne bye twazuula e Rubaga, mu bitundu by'e Kawempe twasobola okulabayo ebipande ebiriko olulimi Olungereza n'Oluganda bibiri (2) birambirira. Kino kitegeeza nti abantu abaluubirirwa okutusaako obubaka mu bitundu bino ba mirundi ebiri. Mulimu abo abategeera Olungereza mpozzi ne abo abategeera Oluganda mu bitundu bino. Obutaawukanako n'ensonga eyo, mu bitundu by'e Rubaga mwe twatuuka mu ngeri yeemu tetwasobola kulabayo (tetugambye nti tebiriiyo) kipande kyonna kiriko lulimi Lungereza n'Oluwalabu wabula ebipande nnalulimirunu ekiraga nti abantu abaluubirirwa okutuusaako obubaka beegazaanyiza mu lulimi lumu era ebisinga byali mu Lungereza ekitegeeza nti Oluwalabu mu bitundu bino abantu tebalwegazaayizaamu. Ku ludda luli, mu bitundu by'e Kawempe twasobola okulabayo ebipande ebiriko Olungereza n'Oluwalabu bibiri (2) ekitegeeza nti mu bitundu bino, ennimi zombi zikozesebwa kubanga abantu abaluubirirwa okutuusaako obubaka bazitegeeera oboolyawo zikozesebwa kusobola kukuuma nnono ya nzikiriza ya Busiraamu kubanga yeesigama nnyo ku lulimi Oluwalabu era ennimi endala zikozesebwa kuvvuunulira abo abatatuuka mangu ku lulimi Luwalabu. Ekyewuunyisa twasobola okulaba ekipande ky'enzikiriza y'Obusiraamu ekyaliko olulimi Oluganda n'Oluwalabu mu bitundu by'e Rubaga ekintu ekirambika nti mu bitundu ebyo waliwo abantu abaluubirirwa okutuusaako obubaka nga beegazaanyiza mu Luganda era babayambako okubavvuunulira ebyo ebiba biri mu Luwalabu, olulimi olutambulizibwako ensonga mu nzikiriza y'Obusiraaamu

Ebifaananyi ebiraga ebipande nnannimibbirye eby'amasinzizo mu bitundu by'e Rubaga ne Kawempe



KB002

Nga bwe kiragiddwa mu kifaananyi KB002 waggulu, ekipande ekyo kye twasanga mu bitundu by'e Bwaise mu Kawempe diviizoni kiraga nti mu ssinzizo eryo abantu abaluubirirwa okutuusaako obubaka beegazanyiza mu nnimi bbiri. Ennimi zino kuliko Olungereza n'Oluganda. Ekipande kino ky'abantu ab'enzikiriza y'Obukatuliki era ng'erinnya ly'ekeleziya eno (ST. PAUL CATHOLIC SUB-PARISH) lyassibwa ku mwanjo mu langi eya bbululu erabikira ddala obulungi era n'akasaale akalagirira ddala ayinza okuginoonya weeri ne kateekebwako okwongera okumugondezaamu. Kino kirambika nti ekisinga obukulu era ekyassibwako ennyo essira ku kipande kino ly'erinnya ly'essinzizo mpozzi n'obudde bw'emmisa. Obudde obulaga emmisa ddi lwe zibeerawo nabwo bwawandiikibwa ku kipande kino era bwo bw'asooka ne buwandiikibwa mu lulimi Olungereza nti 'Mass Time' oluvannyuma ate obubaka bwe bumu ne buzzibwa mu lulimi Oluganda. Kino kitegeeza nti mu ssinzizo lino mulimu abantu abaluubirirwa okutuusaako obubaka nga bategeera lulimi Lungereza lwokka oba lulimi Luganda lwokka wabula ennimi zonna zikozesebwa okusobola okutuusa obubaka ku bantu abagwa mu biti byombi. Kale nno ekipande kino kyakola ng'obujulizi nti abantu b'ekeleziya eno beeyambisa ennimi zombi okusobola okuwuliziganya n'okutuusa obubaka eri abantu baabwe ababeera baluubirirwa okutuusaako obubaka.

KB003



Mu ngeri y'emu, ekipande ekiragiddwa mu kifaananyi KB003 waggulu nakyo twakizuula nti kyaliko ennimi bbiri. Okwawukanako n'ekifaananyi mu KB002, kino kyo kyali ky'abantu ba nzikiriza ya Bulokole. Omutwe gwakyo ly'erinnya eriyitibwa essinzizo lino (BWAISE WORSHIP CENTRE) era ng'erinnya eryo liwandiikiddwa mu nnukuta ennene era ezirabika obulungi. Kino kitusiinyizaako nti buno bwe bubaka obukulu obuluubirirwa okutuusa eri abantu b'essinzizo lino oboolyawo n'abayise. Mu ngeri y'emu erinnya lino lwawandiikibwa bulungi mu nnukuta engazi era nga nnene ddala olwo abasomi baakyo baleme kubuzaabuuzibwa. Twakizuula ng'okuwa endagiriro y'ekifo kino gwe mulamwa omukulu ogwateesaawo ekipande kino era tetwewuunya nnyo ng'erinnya eryo liridde ekifo kinene ddala ku kipande ekyo. Erinnya eryo lyawandiikibwa mu lulimi Lungereza naye ate wansi waalyo, waawandiikibwayo ebigambo mu lulimi Oluganda ebyali bijjukiza omusomi waakyo nga Yesu bw'amwagala era ne bamubuuuza oba nga yalokoka (YESU AKWAGALA, WALOKOKA?). Ebikolebwa mu ssinzizo lino n'obudde bw'okusinza byalambikibwa mu lulimi Lungereza mu nnukuta entonotono ate mu lulimi Lungereza lwokka


ekyawagira abatwala amasinzizo gano kye baatugamba nti beeyambisa Lungereza ku bipande okusobola okutuusa obubaka eri abantu abasinga obungi era abava mu mawanga ag'enjawulo. Bino okuwandiikibwa mu nnukuta entonotono kyatulaga nti obubaka buno si bwa nsonga nnyo kubulangira ku bipande wabula ekikulu kibeera kumanyisa bantu linnya lya ssinzizo n'ekifo we liri olwo byonna ebikolebwayo ne bizuulibwa oluvannyuma lw'omuntu okutuukayo mu ssinzizo lye nnyini.

KB004




Nga bwe kirambikiddwa mu kipande KB004 waggulu kye twasanga mu bitundu by'e Kanyanya mu diviizoni y'e Kawempe, ebipande by'enzikiriza y'Obusiraamu ebiseera ebisinga bitera okweyambisa ennimi bbiri. Ennimi zino kubaako Oluwalabu n'olulimi olulala lwonna. Mu kifaananyi KB004 waggulu, kuliko olulimi oluwalabu n'Olungereza. Kino kyali bwe kiti lwa nsonga olulimi Oluwalabu lumayiddwa ng'olulimi olwoleka eddiini eno era okukozesa olulimi olulala ng'Olungereza babeera baluubirira kwanguyiza na kuvvuunulira bantu balala abakkiririza mu nzikiriza eno naye nga tebatuuka bulungi ku lulimi Luwalabu. Eky'enjawulo ekiri ku kipande kino kiri nti buli kigambo ekikiriko kyawandiikibwa mu Luwalabu era ne kivvuunulwa okudda mu Lungereza. Kino kyayongera okulaga nti abakola ebipande bino bafa nnyo ku bantu abaluubirirwa okutuusaako obubaka. Ensonga eno yawagira nnyo ensonga eyaleetebwa abeetabi be twabuuza ku nsonga ezisinziirwako okulonda ennimi ezikozesebwa ku bipande. Ensonga eno yali ya kukuuma nnono oba obuwangwa bw'enzikiriza eyo era kino tukirabira ku nkozesa y'Oluwalabu kubanga lwe lulimi olumanyiddwa ng'olutambulizibwako enzikiriza y'Obusiraamu okwetooloola ensi yonna (Laba Omweso 5).

RB001



Ekipande ekiragiddwa mu RB001 waggulu kisangibwa mu diviizoni y'e Rubaga. Kino nakyo kiriko ennimi bbiri okuli Oluwalabu n'Oluganda. Kino kyali kiruubirira kukunga bantu ba nzikiriza ya Busiraamu ne abo bonna ababwagaliza ebirungi okuzimba omuzikiti oguyitibwa (Umar Bin Hatwab) era obubaka buno bwawandiikibwa mu Luwalabu ne mu Luganda ng'ekipande bwe kiraga. Kino kitegeeza nti abaakuba ekipande kino baali baluubirira kugondezaamu abantu b'enzikiriza eno ku mulamwa omukulu ogw'okuzimba essinzizo lino wabula nga kino kyakolebwa nga n'olulimi olutambulizibwako enzikiriza y'Obusiraamu, Oluwalabu nalwo terwasuuliddwa muguluka. Kino nakyo kyongera okuttaanya n'okukkiriziganya n'ensonga y'okukuuma ennono oba obuwangwa bw'enzikiriza eyo ng'ensonga eyo bwe yatuweebwa abeetabi. (Laba Omweso 5)

Ekif. 3: *Bbaggulaafu eraga ebipande nnannimibbirye ebyakwatibwa mu bitundu by'e Rubaga ne Kawempe.*



Bbaggulaafu eyo waggulu eraga nti mu bitundu by'e Rubaga ne mu bitundu by'e Kawempe, ebipande nnannimibbirye byetttanirwa nnyo. Mu bitundu byombi, twasobola okulabayo ebipande bibiri bibiri era nga bino byali bya Lungereza n'Oluwalabu mpozzi n'Oluganda n'Olungereza. Kino kitegeeza nti mu bitundu bino abantu abaluubirirwa okutuusaako obubaka beegazaanyiza mu nnimi zombi oboolyawo zikozesebwa bbiri okusobola okugondeza abo abatatuuka ku lulimi olumu naye nga basobola okutuuka ku lulala. Mu bitundu by'e Rubaga mwe twatuuka twasobola n'okulabayo ku bipande ebyaliko olulimi Oluganda n'Oluwalabu. Kino si bwe kyali mu bitundu by'e Kawempe ekitegeeza nti abantu ababeera e Rubaga beegazaanyiza mu lulimi Oluganda oboolyawo okukirako ku abo mu bitundu by'e Kawempe okusinziira ku kizuulo kino.



KN026

Ekifaananyi KN026 waggulu ky'abantu ba nzikiriza ey'Obuseveniside. Ekipande kino kyoleka enkozesa y'olulimi nnalulimirumu era nga kyonna kyawandiikibwa mu lulimi Lungereza. Obubaka bwonna obukiriko bwawandiikibwa mu lulimi olwo okusobola okubutuusa eri abantu abava mu mawanga ag'enjawulo abasinziza mu kifo kino era ng'abasinga ku bo bategeera bulungi olulimi Olungereza ng'abantu bwe baawa endowooza zaabwe ze twakuŋŋaanya mu yintaviyu ze twasunsula mu miko egiddirira. Ekipande ekyo kiri mu Bwaise mu Kawempe diviizoni. Bwe twabuuza abantu abasinziza mu kkanisa eno, baatugamba nti mu kusinza mukozesebwamu ennimi bbiri, Oluganda n'Olungereza. Ensonga lwaki ku kipande kwo kwaliko lulimi Lungereza lwokka baatugamba nti ekyo kyakolebwa kutuusa bubaka eri abantu bonna abava mu bifo eby'enjawulo. Kino kyongera okukakasa nti olulimi Olungereza lubuutikira nnyo ennimi ennansi ku nkozesa yaalwo ku bipande so ng'ate mu mbeera

eza bulijjo, ennimi ennansi ze zisinga okukozesebwa mu kwogerezeganya wakati mu bantu wadde ng'oluusi abamu bazitabiikirizaamu Olungereza.



RN032

Okwawukanako n'ekipande mu RN022 waggulu, ekipande ekirambiddwa RN032 kino kya bantu ba nzikiriza ya Bukatuliki. Ekipande kino nakyo kyakozesebwako lulimi lumu lwokka era nga luno lulimi Lungereza. Ku kipande kino kwawandiikibwako linnya ly'ekeleziya (OUR LADY OF FATIMA SHRINE NAKULABYE CATHOLIC PARISH) n'ekibanja ky'oku mutimbagano (www.nakulabyecatholic.com) eri abandyagadde okumanya ebisingawo ku ssinzizo lino. Ekipande kino kisagibwa mu Nakulabye mu diviizoni y'e Rubaga. Ku kipande kino kuliko n'endagiriro ya pposita (P.O. BOX 16441 KAMPALA) ekyongera okunnyikiza nti byonna ebyateekebwa ku kipande kino bye byali ebikulu ebiruubirirwa okutuusa eri abantu ab'enjwaulo. Byonna ebiri ku kipande kino byali biruubirirwa kuwa ndagiriro ya ssinzizo lino era kyakolebwa okuyita mu miwaatwa esatu okuli ogw'ekifo kyennyini, ekibanja ky'okumutimbagano n'akasanduuko ka pposita.



RN020

Nga bwe kiragiddwa mu kifaanayi RN020 waggulu, abantu b'enzikiriza eya (Jehovah's Witness) nabo bettanira nnyo olulimi Olungereza. Ekipande kino kiraga linnya lya ssinzizo lyokka ku kyo era nga lino lyawandiikibwa mu lulimi Lungereza ekitubagulizaako nti abantu b'essinzizo lino bakozesa lulimi Lungereza mu kuwuliziganya. Ekipande kino nakyo twakisanga mu bitundu by'e Rubaga mu Nakulabye.



RN011

Abantu b'enzikiriza y'Obulokole okusinziira ku kipande ekiragiddwa mu kifaananyi RN011 waggulu nabo bettanira enkozesa y'olulimi nnalulimirumu. Ekipande kino, ekisangibwa mu kitundu ky'e Kawaala mu Rubaga kyakolebwa mu lulimi Lungereza lwokka. Erinnya ly'essinzizo okwo ssaako obudde obulambika ebikolebwa byonna byawandiikibwa mu lulimi olwo ekyoleka nti abantu abasinziza mu ssinzizo eryo batuuka mangu ku bubaka singa olulimi Olungereza lwe luba lukozeseddwa. Kino kyayongera okutubagulizaako ku lulimi olweyambisibwa mu ssinzizo lino nti Lungereza era n'abantu abaluubirirwa okutuusaako obubaka nabo batuuka bulungi ku lulimi luno.



KN018

Ekipande ekyo waggulu ekirambiddwa ne KN018 kisangibwa Kazo mu Kawempe era nga ky'abantu b'enzikiriza y'Obusiraamu. Ekipande kino mu ngeri etali ya bulijjo kyakolebwa nga tekuli kigambo kya Luwalabu wadde ekimu. Kino kyewuunyisa nnyo era kyali kya njawulo bwe tugeraageranya n'emizikiti emirala. Ekipande kino kyawandiikibwako linnya lya muzikiti na kifo mwe gusangibwa byokka era byawandiikibwa mu mannya gaabyo ag'enkalakkalira. Kino kyatulaga nti mu kitundu kino, abaakuba ekipande kino tebaafa ku lulimi Luwalabu ng'olukulu olutambulizibwako enzikiriza y'Obusiraamu wabula bo baafa nnyo ku kutuusa bubaka era abantu abaluubirirwa era abategeera olulimi olulala olutali Luwalabu.



KN036

Ekipande ekyo waggulu kyalambibwa ne KN036 era nga bwe kirambikiddwa waggulu. Ekipande kino kyasika nnyo abanoonyereza omwoyo bwe kyalabibwa era bwe kyekalirizibwa, kyazuulibwa nga kyali kiruubirira bantu ba nzikiriza y'Abaganda ey'Ekinnansi. Newankubadde kiriko obulumira mu mpandiika, ekipande kino tulaba nga kyakolebwa mu lulimi Luganda lwokka. Olulimi luno olwakozesebwa ku kipande kino lwayongera okuwagira ekyo abamu ku beetabi kye baali batutegeezezzaako nti abasalawo okukozesa olulimi Oluganda bakola batyo lwa nsonga ya kwagala kukuuma buwangwa na nnono yaabwe. Tukkiriza ng'abantu abaluubirirwa okutuusaako obubaka ku kipande kino beegazanyiza mu lulimi Luganda lwokka era nga kyeraga mu lwatu nti olulimi lwe lumu lwe lukozesebwa ne mu ssinzizo lino.

Ekipande kino kisangibwa mu diviizoni y'e Kawempe mu kitundu ekiyitibwa Kyebando.

Omweso 3: *Emirundi ennimi ssekinnoomu gye zeeyoleka ku bipande by'amasinzizo e Rubaga.*

Olulimi	**Emirundi gye lweyoleka**	**Ebitundu ku buli kikumi (%)**
Olungereza	36	97
Oluganda	1	3
Oluwalabu	0	0
Olulimi olulala	0	0
Omugatte	**37**	**100**


Nga bwe kirambikiddwa mu mweso 3, Olungereza lweyoleka ebitundu kyenda mu musanvu ku buli kikumi (97%) eby'ebipande by'amasinzizo e Rubaga ne luddirirwa Oluganda olweyoleka ebitundu bisatu ku buli kikumi (3%). Oluwalabu lwo tewali we lweyolekera ku bipande by'amasinzizo e Rubaga okusinziira ku bifo okunoonyereza mwe kwakolebwa. Ennimi endala ezaawukanako n'ezo zo zaasuulibwa muguluka kubanga tewali wantu wonna we zeeyolekera ka zibe ngwira oba ennansi. Olulimi Olungereza okubuutikira ennimi endala ku bipande by'amasinzizo kiwagira endowooza ya Landry ne Bourhis (1997) nti olulimi lwoleka alina obuyinza. Mu bitundu by'e Rubaga, Olungereza lukozesebwa abantu okuva mu nzikiriza y'Obukulisitaayo awamu n'ey'Obusiraamu okwogerezeganya n'abakkiriza abava mu bitundu okwetooloola Uganda n'ensi yonna abajja mu masinzizo ago.

Omweso 4: *Emirundi ennimi ssekinnoomu gye zeeyoleka ku bipande by'amasinzizo e Kawempe.*

Olulimi	**Emirundi gye lweyoleka**	**Ebitundu ku buli kikumi (%)**
Olungereza	48	98%
Oluganda	1	2%
Oluwalabu	0	0
Omugatte	**49**	**100**

Omweso 4 gulaga nti wadde ng'Olungereza lwasigala lubuutikira ennimi endala ku ezo ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo e Kawempe nga byali amakumi ana mu munaana ku buli kikumi [48%], olulimi Oluganda lweyoleka nnyo mu bitundu bino okusinga nga bwe kyali mu bitundu by'e Rubaga. Oluganda lwalabikira ku bitundu bibiri ku buli kikumi [2%] e Kawempe okusinga e Rubaga gye byeyoleka ekitundu kimu ku buli kikumi [1%] kyokka. Kino kiraga nti mu bitundu by'e Kawempe, olulimi Oluganda lwettanirwa nnyo okusinga mu bitundu by'e Rubaga ekituleetera okukkaanya ne Batibo (2005) agamba nti abantu mu bitundu ebiriraana ennyo emitima gy'ebifo by'obuwangwa (Nga Mengo bwali okumpi n'ebitundu by'e Kawempe) ebiseera ebisinga bettanira nnyo ennimi ennansi ez'ebifo ebyo. Ebitundu by'e Kawempe tulaba nga biri kumpi nnyo n'olubiri lwa Ssaabasajja Kabaka wa Buganda era kitubagulizaako nti eno y'emu ku nsonga lwaki mu bitundu bino, olulimi Oluganda lwettanirwa bya nsusso. Olulimi Oluswayiri wadde nga lulina ekifo kya maanyi mu ggwanga Uganda, tetulina we twalabye lukozesebwa ku bipande by'amasinzizo ekitegeeza nti ennimi zino ezisalibwawo okukozesebwa ku bipande by'amasinzizo zitunuulira nnyo abantu ababeera mu mbeerabantu ezo n'ennimi ze bettanira so si kugoberera bugoberezi nkola za gavumenti. Ensonga eno ekontana n'enyinyonnyolero ya Spolsky (2009) ey'okukwatamu ennimi ez'enjawulo egamba nti newankubadde ng'abantu abali mu buyinza ebiseera ebisinga bassaawo ennimi eziteekwa okugobererwa abantu abafugibwa, enzikiriza, enjogera n'ensalawo y'ennimi ezikozesebwa abantu bano kibeera eri bo bennyini.

Ekif. 4*: Omwetooloolo ogugeraageranya embeera y'ennimi mu bitundu by'e Kawempe ne Rubaga.*



Omwetooloolo ogulagiddwa mu kifaananyi ekyo waggulu gwongera okulambika ekibadde kyogerwako waggulu mu kugeraageranya ennimi nnalulimirumu n'ennimi nnannimibbirye nga bwe zikozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu diviizoni y'e Kawempe ne Rubaga. Omwetooloolo guno gulaga nti ennimi nnannimibbirye zitwala ebitundu bisatu ku buli kikumi (3%) so ng'ate ennimi nnalulimirumu zitwala ebitundu kyenda mu musanvu ku buli kikumi (97%). Kino kyongera okunnyikiza nti mu bitundu by'e Kawempe ne Rubaga, ebipande eby'ennimi nnalulimirumu bibuutikira ebifo bino ekitegeeza nti abantu abaluubirirwa okutuusaako obubaka beegazaanyiza nnyo mu nnimi ssekinnoomu.

4.3 ENSONGA LWAKI ENNIMI EZO ZE ZAASALIBWAWO OKUKOZESEBWA KU BIPANDE BY'AMASINZIZO

Ebyakuŋŋaanyizibwa okuva mu yintaviyu ze twakola ku bakulembeze n'abatwala amasinzizo bifunziddwa mu *mweso 5.*


Omweso 5: *Ensonga abatwala amasinzizo ze basinziirako okulonda ennimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo.*

Ensonga	**Rubaga**	**Kawempe**	**Omugatte**	**Ebitundu ku buli kikumi (%)**
Okutegeerekeka eri abakkiriza bonna	2	3	5	100
Okukuuma ennono y'eddiini	1	1	2	40
Okugondera ebiragiro okuva mu bakulu abatutwala	0	1	1	20

Omweso 5 gulaga nti ensonga esinga okusiinziirwako abaddukanya amasinzizo mu kulonda olulimi olukozesebwa ku bipande by'amasinzizo y'ey'okutegeerekeka eri abakkiriza bonna era ensonga eno yatwala ebitundu kikumi ku buli kikumi [100%] mu bitundu by'e Rubaga ne Kawempe. Ensonga endala ey'okukuuma ennono y'eddiini nayo yaleetebwa abaddukanya amasinzizo abawerera ddala ebitundu ana ku buli kikumi [40%] era eno yali yaakubiri mu buufu obwo. Ensonga zino zombiriri ziwagira endowooza ya Cooper (1989) eteeka essira ku kussa mu nkola enteekateeka y'omugambo n'ekitiibwa ky'olulimi ekirussibwako abantu ababeera balina obuyinza ku nzikiriza emu oba abagwa mu kibinja ekimu. Amasinzizo g'enzikiriza y'Obukulisitaayo gasalawo okukozesa Olungereza si lwakuba nti bayibuli lw'ekozesa naye lwa nsonga nti lutabya wamu abantu okuva mu mawanga ag'enjawulo okwetooloola eggwanga Uganda n'ensi yonna. Ku luuyi luli, ab'enzikiriza y'Obusiraamu bettanira okukozesa olulimi Oluwalabu ku bipande byabwe lwa nsonga nti lwe lutambulizibwako enzikiriza yaabwe era kino tukiraba nga kyeyolekera ku bipande byabwe bye twasobola okukuba ebifaananyi era ensonga eno ewagirwa Spolky (2009) nti wasobola okubaawo olulimi olutambulizibwako eddiini oba enzikiriza ez'enjawulo. Ensonga y'okuba nti Olungereza lwesiimisa awamu

n'okugoberera ebiragiro okuva eri abakulu abatwala enzikiriza zaabwe ez'enjawulo nazo zaleetebwa newankubadde nga zatwala ebitundu abiri ku buli kikumi [20%] byokka ekiraga nti tezaali nsonga za ssimba nnyo mu kkowe lino. Wabula, enzikiriza ez'enjawulo zisalawo okutabya awamu ennimi zino zonna ne zikolaganira wamu ekitegeeza nti tewabaawo lutabaalo lwonna. Olungereza lukozesebwa okutegeerekeka eri abantu abasinga obungi, Oluganda ne lukozesebwa okugondeza ku batamanyi Lungereza era abavvuunuzi/abatapusi bettanirwa nnyo mu masinzizo agasinga obungi. Oluwalabu n'Olulattini zeeyambisibwa nnyo bubaka bw'omwoyo naddala nga ababuulizi bannyikiza ensonga ezikwata ku mutonzi waabwe. Olulimi Oluswayiri lwo tewali we twalulaba lukozesebwa ku bipande by'amasinzizo wonna okusinziira ku bifo mwe twatuuka ekiraga nti wadde ng'enkola ya gavumenti egezaako okulutumbula, naye terunnaba kunnyikira mu bantu naddala mu buufu bw'eddiini oba enzikiriza zaabwe ez'enjawulo.

Ekif. 3: *Bbaggulaafu ku nsonga essatu ezaasinga okuleetebwa abatwala amasinzizo mu bitundu by'e Kawempe ne Rubaga.*



Bbaggulaafu eno eraga nti abantu bana (4) okuva mu bitundu by'e Rubaga n'abala basatu (3) okuva mu bitundu by'e Kawempe baawa ensonga y'okutegeerekeka eri abakkiriza bonna mu kukozesa olulimi oluba lukozeseddwa ku kipande gamba Lungereza, Luganda oba olulimi olulala lwonna. Omweetabi omu okuva mu bitundu byombi (Omu e Rubaga n'omu e Kawempe) baaleeta ensonga y'okukuuma ennono y'eddini ng'ensonga esinziirwako okulonda lulimi ki olukozesebwa ku bipande ebyo. Kino kyayongera okukakasibwa ebipande bye

twasanga nga bikozeseddwako olulimi Oluwalabu eri abantu b'enzikiriza y'Obusiraamu (Laba KB004 ne RB001) mpozzi n'Oluganda eri abantu b'enzikiriza y'Abaganda ey'Ekinnansi (Laba KN036). Okugondera ebiragiro okuva mu bantu abatwala amasinzizo nakyo kyali kirowoozo ekyatuweebwa omu ku beetabi okuva e Kawempe. Kino kyatulaga nti ennimi ezimu zikozesebwa ku bipande lwa biragiro ebiba byayisibwa abatwala ebibinja by'abantu eby'ebnjawulo.

4.4 ENDOWOOZA Z'ABEETABI KU NNIMI EZIKOZESEBWA KU BIPANDE BY'AMASINZIZO MU KAWEMPE NE RUBAGA

Abeetabi musanvu (7) ab'enjawulo be twabuuza ebibuuzo okuzuula endowooza zaabwe ku nnimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu Kawempe ne Rubaga. Abantu bano bonna baali batuuze mu bitundu eby'enjawulo ebikola diviizoni ezo zombi. Okwekenneenya kwaffe ku ebyo ebyaddibwamu ku bibuuzo bye twabuuza abeetabi kwazuula ensonga ez'enjawulo enkulu ezikwata ku nkozesa y'ennimi ku bipande by'amasinzizo, nga bwe kiragibwa mu Mweso 6.

Omweso 6: *Endowooza z'abeetabi ku Lungereza n'Oluganda ng'ennimi ezisinga okukozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu Kawempe ne Rubaga*

Endowooza	Kawempe	Rubaga
Biwa obulagirizi bw'essinzizo weliri	3	3
Ebipande ebyo bigenderera kujjukiza bantu ku bintu eby'enjawulo	1	1
Luganda na Luzungu ze zisinga okukozesebwa	3	4
Ebisinga bibeera mu Luzungu okutuusa obubaka eri abantu bonna	1	3
Ennimi endala tezitera kulabika ng'oggyeeko oluganda n'Olungereza	2	1
Oluswayiri n'Olunyankole nazo zitandise okukozesebwa	1	2
Olungereza lwe lusinga okukozesebwa era lutwalibwa okuba olw'amaanyi ku nnimi endala	3	2
Oluganda lukira ku ndala ennansi	1	1
Olulimi olubeera ku kipande lutera kuba lumu naye bwe kituuka mu ssinzizo, bakozesa bbiri, Oluganda n'Olungereza	1	1

Ennimi ennansi nazo zifiibweko nnyo	3	1
Olulimi oluli ku kipande lusobola okunsika oba okungoba mu kifo ky'essinzizo erimu	3	2
Olulimi Oluzungu lulaga enkulaakulana	1	2
Neemulugunyaako ku nnimi ezikozesebwa ku bipande bino	1	1
Seemuluganyangako ku kipande kyonna	1	1
Olutalo wakati w'enzikiriza y'Obukulisitaayo n'ey'Obusiraamu weeruli olw'ennimi ezikozesebwa	2	1
Tewali lutalo wakati w'enzikiriza y'Obukulisitaayo n'ey'Obusiraamu olw'ennimi ezikozesebwa	0	1
Nsalawo olulimi okusinziira ku bantu be nduubirira okutuusaako obubaka	2	4
Okukozesa ennimi engwira zokka kivvoola ennimi ennansi	3	3

Omweso guno gulaga endowooza z'abeetabi ku Lungereza n'Oluganda ng'ennimi ezisinga okukozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu Kawempe ne Rubaga. Ensonga eyasinga okwogerwako mu bantu bonna yali ya kusalawo olulimi okusinziira ku bantu be baluubirira okutuusaako obubaka era kino kyaleetebwa abantu bonna omusanvu be twabuuza endowooza zaabwe. Kino kyali kya maanyi nnyo mu Rubaga era kyayogerwa abantu ebitundu ataano mu musanvu ku buli kikumi [57%] okusinga mu Kawempe gye kyayogerwako abantu abakola ebitundu abiri mu munaana ku buli kikumi [28%]. Mu nsonga endala mwalimu okukozesa ennimi engwira zokka nga bwe kivvoola ennimi ennansi. Ekirowoozo kino kyaleetebwa abantu abenkanankana mu diviizoni zombi era baali basatu (3) ku njuyi zombi. Oluganda n'Olungereza okuba nga ze zisinga okukozesebwa nayo nsonga eyaleetebwa abeetabi. Mu Rubaga baali basatu (3) so nga mu Kawempe baali bana (4). Bano baakiikirira ebitundu ana mu bisatu ku buli kikumi (43%) mu Rubaga kyokka ate mu Kawempe baakiikirira ebitundu ataano mu musanvu ku buli kikumi (57%). Mu nsonga endala mwalimu; ebipande okuba nga bigenderera kujjukiza bantu ku bintu eby'enjawulo, Oluganda okukira ku ndala ennansi, olulimi olubeera ku kipande okuba nga lutera kuba lumu naye bwe kituuka mu ssinzizo, bakozesa bbiri, Oluganda n'Olungereza, okwemulugunya ku bipande n'obuteemulugunyangako ku kipande kyonna zonna

zaaletebwa era nga zino zonna zenkanyankanya abeetabi abaali omu omu (1 vs 1) ku buli ludda. Ensonga ya ‘Okwagala okwogera ennimi ebbiri’ kye kyaddako okwogerwako ennyo abeetabi abaakola ebitundu ataano ku buli kikumi [50%] era kino kiraga obuwagizi bw’ekitundu eri ennimi zombi mu kukola emirimu egy’enjawulo. Abeetabi abaalondawo okukozesa Olungereza lwokka oba Oluganda lwokka ku bipande by’amasinzizo baali batono ddala era abasinga baawagira okukozesa ennimi zombiriri okusobola okutegeerekeka eri abantu abasinga obungi.

4.5 OBUBAKA OBW’AWAMU KU BYAZUULIBWA

Ebyo byonna bwe tubitwalira awamu, ebyazuulibwa biraga nti ebipande by’amasinzizo birina enkola ze bigoberera eziyinza okuba nga n’eggwanga Uganda okutwaliza awamu terizirina ku bipande nga bwe biteekwa okufaanana. Okusinziira ku Ihano 2015, tulaba ng’ekitongole kya KCCA tekirina nkola nnuŋŋamu oba nnambulukufu bulungi ku nnimi ezirina okukozesebwa ku bipande wabula kirina nteekateeka ku mannya ga nguudo oba obuguudo kyokka ng’amasinzizo ag’enjawulo go galina enkola zaago ze gagoberera okusinziira nga bwe twekenneenya ebyo ebyazuulibwa. Okusinziira ku McCarty (2011), enkola zino zigobererwa zeesigamiziddwa okuva wansi ku muntu yennyini aluubirirwa okufuna obubaka. Ku luuyi luli, oluusi enkola zino ezigobererwa enzikiriza ez’enjawulo zikugira obwenkanya mu bantu okugeza abatuuze b’e Kawempe abataasoma ng’era bamanyi lulimi Luganda lwokka basobola okuwulira emirembe mu kusoma obubaka ku bipande by’amasinzizo agatabya olulimi Oluganda n’Olungereza okusinga ebipande ebikozesa olulimi Olungereza lwokka naddala mu bitundu by’e Rubaga.

ESSUULA EY'OKUTAANO:

ENKUBIRA N'EBITEESO

5.1 ENKUBIRA

Nga tusinziira ku byakuŋŋaanyizibwa nga bwe binnyonnyoddwa waggulu, obujulizi bwakuŋŋaanyizibwa okuva ku bipande by'amasinzizo kyenda [90], yintaviyu ttaano [5] ku baddukanya amasinzizo n'ebiddibwamu ku bibuuzo ebyakozesebwa okuzuula endowooza z'abeetabi abaawerera ddala musanvu [7] okuva mu Rubaga ne Kawempe, enkubira za mirundi ena ze zakoleddwa:

Ekisookera ddala ekyazuuliddwa, enkozesa y'ennimi ku bipande by'amasinzizo mu Kampala eraga nti ennimi ssatu ze zisinga okukozesebwa ku bipande ebyo naye ate ennimi bbiri ku ezo ze zikutte omumuli. Olungereza luweebwa ekitiibwa kya maanyi nnyo era lukozesebwa ku bitundu kyenda mu munaana ku buli kikumi [98%]. Oluganda nalwo lwe lusinga okuweebwa ekitiibwa mu nnimi ennansi era nga lweyolekera ku bitundu kikumi ku buli kikumi [100%] mu nnimi ennansi. Oluwalabu nalwo lwe lusinga okuweebwa ekitiibwa eri ab'enzikiriza y'Abasiraamu era lwe lutambulizibwako eddiini eyo. Luno lwatwala ebitundu kikumi ku buli kikumi [100%] ku bipande by'enzikiriza y'obusiraamu ebyakuŋŋaanyizibwa. Oluswayiri lwo lwasigala terulina we lwalabibwa newankubadde luwagirwa nnyo enkola ya gavumenti ekiraga nti enzikiriza z'eby'omwoyo tezigendera ku nkola ziwagirwa bakulu abali mu buyinza wabula zigendera ku nsonga eziwagirwa ekyo ekiva mu bantu okuviira ddala wansi. Kino kyatulaga nti ne bwe kiba ng'abakulu abalina obuyinza balina ennimi ze basoosoowaza era ze baagala abantu bakozese, abantu bo bennyini basobola okusalawo okukozesa ennimi ezo ezibanguyira.

Ekyookubiri ekyazuuliddwa kwe kuba nti ebifo ennimi ez'enjawulo gye zisinga okukozesebwa ku bipande by'amasinzizo nayo nsonga eyetaaga okwekaliriza. Waliwo enjawulo nnene nnyo wakati wa Rubaga ne Kawempe. Kino kitegeeza nti byafaayo, obukulembeze n'ebitongole by'obwannakyewa ebiri mu bitundu by'e Rubaga bukireetera okukozesa olulimi Olungereza okusobola okugya mu kyalo nnamulanda. Okwawukanako n'ekyo, ebifo by'obuwangwa n'abantu abasinga okubeera mu bifo by'e Kawempe bazannya ekitundu kinene nnyo ku lulimi olukozesebwa mu bitundu ebyo era bettanira Oluganda, olulimi olunnansi.

Ensonga endala eri nti abakulembeze mu nzikiriza ez'enjawulo be baluŋŋamya ku nnimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo era basoosoowaza olulimi olusinga okutegeerekeka abakkiriza abangi. Ebyokusalawo byabwe babirowoozaako nnyo nga bafa ku mbeerabantu zaabwe okusinga okugoberera ezo ennimi eziwagirwa gavumenti ng'Oluswayiri.

Ekisembayo ku byazuuliddwa kwe kuba nti abatuuze mu bitundu by'e Rubaga ne Kawempe kye beetaaga si kukozesa lulimi Lungereza oba Luganda. Kye baagala kwe kukozesa olulimi Olungereza okubatuusa mu bifo ebitongole ate olwo bakozese Oluganda okuwuliziganya n'ab'ebinywi baabwe. Abatuuze abakola ebitundu ataano ku buli kikumi [50%] bawagira ebipande nnannimibbirye ekiraga nti abatuuze b'omu Kampala ekyo baakifuula kya bulijjo oba nnono ya kibuga kyabwe. Olutalo teruli wakati wa nnimi, wabula luli wakati wa miwendo gya bipande n'okwagala okutuusa obubaka eri buli omu. Olungereza lukugira abataasoma era ebitundu ataano ku buli kikumi [50%] baakikkiriza so ng'ebipande ebikozesa Oluganda nalwo lukugira abatali Baganda oba abatalumanyi.

5.2 OMULIMU GW'ENNYINYONNYOLERO GYE TWAGOBERERA MU MULIMU GUNO

Okunoonyereza kuno kwongera okuttaanya endowooza ya Landry ne Bourhis (1997) ku mbeera y'ennimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo abagamba nti olulimi olukozesebwa ku bipande by'oku nguudo, ebipande ebiranga, amannya g'obuguudo, amannya g'ebifo, ebipande by'amatundiro n'ebipande ku bizimbe bya gavumenti lugattibwa wamu okukola oba okutondawo ekifaananyi ky'olulimi olukozesebwa mu matwale, ettundutundu oba ebibuga eby'enjawulo. Bongera ne bekkaanya olulimi nga bwe lweyambisibwa mu buwandiike mu bifo ebyolukale. Bano bannyonnyola olulimi Olungereza nga bwe lulina ettundu ddene lye luzannya mu kukosa ennimi ennansi okwetooloola ensi yonna. Okunoonyereza kuno kulaga nti ebibuga by'ensi za Afirika naddala ng'abafuzi b'amatwale bamaze okulekulira, okweyambisa ennimi ennyingi mu kutuusa obubaka bw'emyoyo kyafuukira ddala ensonga. Oluwalabu n'Olulattini si nnimi ezikozesebwa mu kuwuliziganya obuwuliziganya kyokka newankubadde okulambika ekitiibwa ky'ennimi ezo eri abasomi baazo, wabula zikola ng'ebikiikirizi by'obubaka era zifuula ebifo mwe zikozesebwa okufuuka ebitukuvu okuyita mu byawandiikibwa.

5.3 EBITEESO

5.3.1 Eri enzikiriza/eddiini ez'enjawulo:

Nga twesigama ku nsonga y'okwagala okutegeerekeka eri abantu abasinga obungi [Omweso 5] ng'abeetabi abasinga bwe baasemba mpozzi n'okukugirwa emiwendo gy'okukubisa ebipande, tusemba okukubisa ebipande by'amasinzizo ng'ababikuba batabya wamu olulimi Olungereza [okutuusa obubaka eri abasinga obungi] n'Oluganda [okuttottola n'okunnyikiza obubaka]. Oluswayiri nalwo lwandikozeseddwa okusobola okugondera enkola za gavumenti mu nzikiriza y'Abakulisitaayo awamu n'obubaka obw'omwoyo okuwandiikibwa mu luwalabu okusobola okuggyayo ennono y'enzikiriza y'Obusiraamu. Kino kijja kuteekawo enkolagana wakati w'ebyenjiri, obuwangwa, okugondera enkola za gavumenti mpozzi n'obutawanika nnyo miwendo gya kukubisa bipande ebyo.

5.3.2 Eri ekitongole kya KCCA:

Ekitongole kya KCCA mu biseera ebiriwo kiruŋŋamya ku bugazi n'obunene by'ebipande ebiteekebwa ku nguudo wadde nga tewali kye boogera ku lulimi olukozesebwa ku bipande ebyo. Ebyazuulibwa byaffe ku mbeera y'ennimi ekozesebwa ku bipande by'amasinzizo mu bibuga biraga nti embeera eyo erina y'eby'ennimi gy'egoberera. Noolwekyo tukubiriza ekitongole kya KCCA okutondawo omukutu ogusobola okutabya awamu abakulu abatwala enzikiriza y'Obukulisitaayo n'ey'Obusiraamu okusobola okukubaganya ebirowoozo ku bitendo ebiteekwa okugoberera mu kukola ebipande by'amasinzizo byabwe we tunaatuukira mu mwaka gwa 2030.

5.4 EBIKOMEKKEREZA OKUNOONYEREZA KUNO

Ebipande by'amasinzizo mu kibuga Kampala si bipande bupande ebitalina bubaka bwe bituusa, wabula bireetera bannyini byo okwezuula n'okumanya abantu abagwa mu kibinja ekimu nabo ababeera bagendererwa okufuna obubaka obubibeerako era ebipande bino bibuulira enjiri ng'enjiri yennyini eyoomunda mu ssinzizo tennabuulirwa okusinziira ku bwe twabyekkaanya era ne tubyekenneenya. Ensonga eno esobola okuleetera omwogezi w'olulimi Oluganda okwegazaanyiza mu bitundu by'e Kawempe ate n'oyo amanyi olulimi Olungereza okuwulira ng'ayaniriziddwa mu bitundu by'e Rubaga. Ekigendererwa mu kino si kuyitimusa lulimi Luganda oba

Lungereza wabula kussaawo mbeera ennimi zombi nga kw’ogasse n’Oluwalabu n’Oluswayiri mwe ziyinza okukozesebwa nga tewali lubuutikidde zinnaalwo.

EBIJULIZO

Backhaus, P. (2006). Linguistic landscapes: A comparative study of urban multilingualism in Tokyo. Multilingual Matters.

Batibo, H. (2005). Language decline and death in Africa: Causes, consequences, and challenges (Vol. 132). Multilingual Matters.

Blommaert, J. (2010). *The sociolinguistics of globalization*. Cambridge University Press.

Blommaert, J. (2013). Ethnography, superdiversity and linguistic landscapes: Chronicles of complexity (Vol. 18). Multilingual Matters.

Budarina, O. (2015). Linguistic landscape research: Some methodological remarks. Scripta Neophilologica Posnaniensia, 15, 35–42.

Cenoz, J., & Gorter, D. (2006). Linguistic landscape and minority languages. International Journal of Multilingualism, 3(1), 67–80.

Chomsky, N. (1957). Logical structure in language. Journal of the American Society for Information Science, 8(4), 284.

Cooper, R. L. (1989). *Language planning and social change*. Cambridge university press.

Dailey, R. M., Giles, H., & Jansma, L. L. (2005). Language attitudes in an Anglo-Hispanic context: The role of the linguistic landscape. Language & Communication, 25(1), 27–38.

De Saussure, F. (1916). Nature of the linguistic sign. Course in general linguistics, 1, 65–70.

Gorter, D. (2006). Introduction: The study of the linguistic landscape as a new approach to multilingualism. *International journal of multilingualism*, *3*(1), 1-6.

Gorter, D. (2013). Linguistic landscapes in a multilingual world. Annual Review of Applied Linguistics, 33, 190–212.

Halliday, M. A. (1978). Ideas about language. Arts: The Journal of the Sydney University Arts Association, 11.

Ihano, C. C. KCCA STRATEGI PLAN 2015.

Isingoma, B. (2021). The sociolinguistic profile of English at the grassroots level: A comparison of northern and western Uganda. In World Englishes at the grassroots (pp. 49–69).

Kasozi, A. B. K., Musisi, N., & Sejjengo, J. M. (1994). Social origins of violence in Uganda, 1964-1985. McGill-Queen's Press-MQUP.

Kayam, O., Hirsch, T., & Galily, Y. (2012). Linguistic landscape: Investigation of linguistic representations of Cape Town. International Journal of Linguistics, 4(3), 71–77.

Keshet, Y., & Popper-Giveon, A. (2019). Language practice and policy in Israeli hospitals: The case of the Hebrew and Arabic languages. Israel Journal of Health Policy Research, 8(1), 58.

Landry, R., & Bourhis, R. Y. (1997). Linguistic landscape and ethnolinguistic vitality: An empirical study. Journal of Language and Social Psychology, 16(1), 23–49.

McCarty, T. L. (Ed.). (2011). *Ethnography and language policy* (Vol. 39). New York: Routledge.

Nakayiza, J. (2016). The sociolinguistic situation of English in Uganda. In Ugandan English: Its sociolinguistics, structure and uses in a globalising post-protectorate (pp. 75–84).

Nash, J. (2016). Is linguistic landscape necessary? Landscape Research, 41(3), 380–384.

Pirouet, M. L. (1978). East African Christians and World War I. The Journal of African History, 19(1), 117–130.

Scollon, R., & Scollon, S. W. (2003). Discourses in place: Language in the material world. Routledge.

Ssentanda, M. E. (2022). Which language (s) matter (s) the most? Exploring the 'schoolscapes' of rural primary schools in Uganda. *South African Journal of African Languages*, *42*(1), 17-30.

Ssentanda, M., & Ncube, G. (2023). Scripting identities: Reading language dynamics and ideologies on shop signs in Kampala. *Language Matters: Studies in the Languages of Southern Africa*, *54*(3), 60-82.

Ssentanda, M., Southwood, F., & Huddlestone, K. (2019). Curriculum expectations versus teachers' opinions and practices in teaching English in rural primary schools in Uganda. Language Matters, 50(2), 141–163.

Spolsky, B. (2009). Language management. Cambridge University Press.

Tufi, S., & Blackwood, R. (2010). Trademarks in the linguistic landscape: Methodological and theoretical challenges in qualifying brand names in the public space. *International journal of multilingualism*, *7*(3), 197-210.

Uganda Bureau of Statistics. (2024). National population and housing census 2024: Final report (Vol. 1). https://www.ubos.org/wp-content/uploads/2024/12/National-Population-and-Housing-Census-2024-Final-Report-Volume-1-Main.pdf

EBIWAAYIRO:

Ekiw. I. EBBALUWA Y'OLUKUSA OKUVA KU SSETTENDEKERO MAKERERE

School of Languages, Literature and Communication
Department of African Languages
Makerere University,
P.O. Box 7062, Kampala,

13th April, 2026

To Whom It May Concern,

Dear Sir/Madam,

RE: **INTRODUCTION OF UNIVERSITY STUDENTS UNDERTAKING RESEARCH**

I am writing to introduce Mr. Timothy Ntanga (Reg. No. 23/U/23757), Ms. Catherine Nakasi (Reg. No. 23/U/13492/PS), and Mr. Joshua Muwanguzi Lukwago (Reg. No. 23/U/10788/PS), who are year three undergraduate students at Makerere University, currently undertaking a research project on the linguistic landscape of signs associated with places of worship.

This study forms part of their academic requirements and examines how language is used on public signage relating to places of worship. The research seeks to explore patterns of language choice, meaning-making, and the social and cultural significance of such signs within the community.

As part of their data collection, the students will be:

- Taking photographs of publicly displayed signs associated to places of worship; and
- Conducting brief interviews with willing participants to gain deeper insights into language use.

I kindly request your cooperation and support in facilitating this academic exercise. The students will conduct themselves with the utmost professionalism and respect for individuals, property, and religious sensitivities. Participation in interviews will be entirely voluntary, and all ethical considerations, including confidentiality and informed consent, will be strictly observed.

Should you require any further information or clarification regarding this research, please do not hesitate to contact me.

Thank you for your support in advancing academic research and learning.

Yours sincerely,
RS
Richard Selwanga
Research Supervisor
E-mail: rselwanga@gmail.com

Ekiw. II. OLUKALALA LW'EBYABUUZIBWA ABEETABI

A. Ebibuuzo ebikwata ku muntu

i. 1.Omaze bbanga ki mu kitundu kino?
i. 2. Oli wa nzikiriza/ddiini ki? (bw'aba alina)
i. 3. Otera okusoma ku bipande by'amasinzizo by'osisinkana buli lunaku?
i. 4. Olowooza ekigendererwa ekikulu eky'ekipande by'amasinzizo kye kiriwa?

B. Ennimi Enkulu ku bipande by'amasinzizo

5. Nnimi ki z'osinga okulaba ku bipande by'amasinzizo mu kitundu kino?

6. Geraageranya enkozesa y'Oluganda n'Olungereza ku bipande by'amasinzizo?

7. Wali olabyeko ku nnimi endala nga Olunyankore, Olucholi n'endala ku bipande by'amasinzizo mu kitundu kino?

8. Ng'oggyeeko Olungereza, enkozesa y'ennimi endala engwira mu Uganda, gamba nga Oluwalabu n'ennimi endala eri etya bwe kituuka ku bipande by'amasinzizo?

9. Nnimi ki ezigenda zongera okulabika n'okweyongera okukozesebwa ku bipande by'amasinzizo, era nnimi ki ezigenda zisereba ku bipande ebyo?

10. Okusinziira ku bumanyirivu bwo, ebipande by'amasinzizo eby'Abakulisitaayo biwandiikibwa mu nnimi za njawulo ku ezo ezikozesebwa ku by'Abasiraamu?

11. Olulimi olutwalibwa okuba "olw'amaanyi" ku bipande by'amasinzizo mu kitundu kino lwe luliwa?

C. Ensonga ezireetera abantu okukozesa ennimi ze basalawo ku bipande by'amasinzizo

12. Lwaki olowooza abakulembeze b'enzikiriza ez'enjawulo balondawo okukozesa Olungereza ku bipande by'amasinzizo mu kitundu kino?

13. Lwaki olowooza abakulembeze b'eddiini balonda Oluganda ku bipande by'amasinzizo mu kitundu kino?

14. Enkola ya gavumenti ey'olulimi olukozesebwa mu butongole erina bw'ekosaamu ennonda y'olulimi olukozesebwa ku bipande by'amasinzizo ebyo?

15. Okwagala "okwewaana" oba okubeera ow'omulembe kikosa kitya okulonda olulimi?

16. Okukozesa Olungereza kireetera ekibiina ky'eddiini okulabika ng'eky'omulembe?

17. Oluganda lukozesebwa nnyo okuwuliziganya n'abantu b'omu kitundu?

18. Osalawo otya olulimi olw'okukozesa ng'okola ekipande ky'essinzizo ekipya?

19. Okulonda olulimi olukozesebwa ku kipande by'amasinzizo kikwatagana kitya n'olulimi olwogerwa mu kusinza?

20. Waliwo okupikirizibwa okuva mu bagoberezi okukozesa olulimi olumu ku bipande by'amasinzizo?

D. Endowooza z'abantu ku nnimi ezikozesebwa ku bipande by'amasinzizo

21. Ndowooza ki gy'olina ku kukozesa ennyo Olungereza ku bipande by'amasinzizo mu kitundu kino?

22. Okukozesa Olungereza ku bipande by'amasinzizo kikuleetera okuwulira ng'oli kitundu ku kibiina ekyo oba nga toli omu ku baluubirirwa?

23. Owulira otya bw'olaba ennimi zo (Luganda oba endala) nga zikozesebwa ku bipande by'amasinzizo?

24. Olowooza enzikiriza zonna zirina okukozesa ennimi ennansi okusobola okutumbula enkolagana ey'omwoyo?

25. Okukozesa olulimi olugwira lwokka ku bipande olowooza kyoleka ki?

26. Owulira otya ku kukozesa Oluwalabu ku bipande by'amasinzizo eby'Abasiraamu?

27. Olulimi oluli ku bipande lulina engeri gye lukusikamu oba gye lukukugiramu okugenda mu kifo ekimu eky'okusinzizaamu?

28. Lulimi ki lw'olowooza nti lwe lusinga okutambulizibwamu obubaka bw'enzikiriza mu kitundu kino?

29. Wali weemulugunyizza ku lulimi olukozesebwa ku bipande by'amasinzizo? Lwaki?

30. Olowooza waliwo obukuubagano oba obunkenke wakati w’enzikiriza ez’enjawulo olw’ennimi ze zikozesa?

31. Olowooza ennimi ezikozesebwa ku bipande by’amasinzizo zituukira ku bantu abaluubirirwa okufuna obubaka? Lwaki?

III. EBYOKWETEGEREZA KU BIPANDE BY'AMASINZIZO MU RUBAGA NE KAWEMPE.
ENDAGIRIRO: Golola buli ky'olaba [√]

1.Ekyawula ebipande	**Diviizoni**	**Ennaku z'omwezi:**
2.Diviizoni	[ ] Rubaga [ ] Kawempe	**Ekika ky'ekipande:** [ ] Kkanisa/Ekeleziya [ ] Muzikiti [ ] Endala
3.Erinnya lya fayiro	[ ] Yee……. [ ] Nedda	

Ennimi eziri ku kipande

Olulimi	**Obubeerawo**
Olungereza	[ ] Yee [ ] Nedda
Oluganda	[ ] Yee [ ] Nedda
Oluwalabu	[ ] Yee [ ] Nedda
Oluswayiri	[ ] Yee [ ] Nedda
Olulattini	[ ] Yee [ ] Nedda
Ennimi endala	[ ] Yee [ ] Nedda

Ekipande kiriko ennimi mmeka?

[ ] 1

[ ] 2

[ ] 3

[ ] 4+

Lulimi ki olusinga okweyoleka ku kipande kino?

….……

Omunoonyereza:…….

Ekiw.V. ENGABANYA Y'OBUDDE

Okunoonyereza kuno kuteeberezebwa okutwala ebbanga lya ssaabbiiti munaana era ssabbiiti ezo zaagabanyiziddwa bwe ziti mu by'okukola.

Ssabbiiti	**Ebyakolebwa**
1ka ne 2ri	Mu kiseera kino, abanoonyereza baakuba ebifaananyi by'ebipande by'enzikiriza okwetooloola ebifo omukolebwa okunoonyereza eby'enjawulo.
3tu ne 4na	Mu bbanga lino, abanoonyereza baabuuza abantu abagwa mu nzikiriza ez'enjawulo endowooza zaabwe ku nnimi ezikozesebwa ku bipande by'enzikiriza mu bitundu byabwe.
5no ne 6ga	Mu kiseera kino, abanoonyereza baakuŋŋaanya era ne bagatta wamu ebiwe bye twakuŋŋaanyizza okuva mu bitundu eby'enjawulo era babiteeketeeke okwekalirizibwa
7vu	Mu bbanga lino, abanoonyereza beekaliriza, nga beekenneenya era nga bataputa ebifaananyi awamu n'ebyanukulo by'abeetabi. Byonna byateekebwateekebwa mu buwandiike oluvannyuma ne bikubibwa mu kyapa.
8na	Mu kiseera kino, abanoonyereza baateekateeka omulimu mu kyapa, n'okutereeza byonna ebyali bisigalidde nga tebannawaayo mulimu eri omuluŋŋamya.

Ekiw. VI: EKIWANDIIKO EKISABA OLUKUSA LW'OMWETABI

Omutwe gw'okunoonyereza : OKWEKALIRIZA OLULIMI OLUKOZESEBWA KU BIPANDE BY'AMASINZIZO MU KAMPALA.

Abanoonyereza:

Ntanga Timothy – 23/U/23757

Nakasi Catherine – 23/U/13492/PS

Lukwago Joshua Muwanguzi -23/U/10788/PS

Omugaso gw'okunoonyereza:

Ebinaazuulibwa bijja kwongera ku bumanyi obuliwo ku nkozesa y'ennimi mu bantu nga byongera okugaziya ku kunoonyereza ku nnimi mu Afirika, naddala ku by'eddiini. Mu ngeri y'emu, ebinaava m kunoonyereza kuno bijja kuwa abateekerateekera ekibuga n'enzikiriza mu by'eddiini obulagirizi mu kukola ebipande ebitegeerekeka n'okwongera ku busobozi bw'okutuuka ku bantu ab'enjawulo aboogera ennimi ez'enjawulo. Mu byenjigiriza, okunooyereza kuno kujja kwongereza ku nyinyonnyolero eziriwo ezifa ku nsonga z'ensi yonna n'okwezuula mu bibuga. Ku ttaka lya boobwe, ebinaava mu kunoonyereza biyinza okutumbula okumanya ebyafaayo by'ennimi mu mbeera y'eddiini eya Kampala. Ebinaazuulibwa bisuubirwa okweyambisibwa mu kunnyonnyola omugaso gw'ennimi ezisinga okukozesebwa ku bipande by'amasinzizo n'ensonga lwaki ezimu zikira ku zinnaazo.

Omwetabi ky'asuubirwa okukola:

Bw'onaaba okkirizza okwetaba mu kunoonyereza kuno, ojja kusuubirwa okuddamu ebibuuzo byonna ebinaakubuuzibwa abanoonyereza nga byekuusa ku kunoonyereza kuno.

Obudde:

Ojja kubuuzibwa ebibuuzo ebiwerera ddala amakumi asatu mu kimu (31) era kino kijja kutwala eddakiika eziri wakati w'abiri n'amakumi asatu. Osabibwa okufissaayo akadde kano mu biseera byo mw'owulirira eddembe okuddamu ebibuuzo ebinaakubuuzibwa.

Akatyabaga:

Okunoonyereza kuno tekuliimu katyabaga konna era tolina ngeri yonna gy'ogenda kukosebwamu olw'okukwetabamu.

Obwannakyewa:

Okwenyigira mu kunoonyereza kuno kwa kyeyagalire era osobola okusalawo obuteetabaamu oba okuvaamu ekiseera kyonna w'oyagalidde awatali kuwa nsonga yonna era tojja kubonerezebwa oba kufiirwa miganyulo gya kunoonyereza kuno.

Twekisize:

Ebyokuddamu byo bijja kukuumibwa nga bya kyama. Erinnya lyo terijja kukozesebwa mu alipoota oba mu kifulumizibwa ky'okunoonyereza kuno.

Emiganyulo:

Ojja kuganyulwa mu binazuulibwa mu kunoonyereza kuno ebiruubirirwa okwekenneenya olulimi olukozesebwa ku bipande by'amasinzizo ag'enjawulo.

Okusasulwa:

Obwetabi bwo mu kunoonyereza kuno bwa kyeyagalire era tosuubira okusasulwa ensimbi zonna olw'obwetabi bwo. Wabula, ojja kuweebwayo enkumi bbiri (shs. 2000) ng'akasiimo olw'okwetaba mu kunoonyereza kuno n'okuliyira obudde bw'onaabeera otufisirizza.

Eby'okwebuuza ebirala:

Bwe wabaawo ensonga yonna gye wandyagadde okubuuza eyongere okukutangaalira nga yeekuusa ku kunoonyereza kuno oba obwetabi bwo eyanirizibwa era osobola okugireeta ekiseera kyonna w'ekujjidde.

Ekirangiriro ky'okukkiriza:

Ng'ossaako omukono gwo wammanga, okkirizza okwetaba mu kunoonyereza kuno nga tokakiddwa era nga weeyagalidde wekka. Otegedde ensonga zonna mu kunoonyereza kuno era osobola okukuvaamu wonna w'oyagalidde.

Amannya g'omwetabi:.....

Omukono gw'omwetabi:.....

Ennaku z’omwezi:.....

Ekiw. VII. EMBALIRIRA

Embalirira y’okunoonyereza kwaffe esuubirwa okumalawo emitwalo amakumi asatu (UGX 300,000) era ebintu byonna byawuddwamu bwe biti:

Ekintu	**Ennyinyonnyola**	**Omuwendo**
Entambula	Okunoonyereza mu Rubaga ne Kawempe	100,000
Ebikozesebwa	Enjasabifaananyi n’obwejjukanyo	20,000
Abanoonyereza	Okulya n’okunywa	100,000
Yintaviyu	Okusiima abeetabi	50,000
Ebigwa bitalaze	Okwetegekera bye tuyinza okwetaaga	30,000
OMUGATTE		300,000

Ekiw. VIII. EKIWAAYIRO KY'EBIFAANANYI EBYAKUBIBWA




KB001


ST PAUL CATHOLIC
SUB-PARISH
ST KIZITO BWAISE PARISH
MASS TIME
SUNDAY - 7:00AM
MISSA YA SUNDAY SAWA EMU EZ'OKUMAKYA (7:00AM)
PO BOX 2505 K'LA (U)
TEL' 0704 513 575
stpaulsubparish@gmail.com

KB002


BWAISE
WORSHIP CENTRE
A home of Divine Worship & Encounter with Jehovah God
YESU AKIWAGALA
WALOKOKA?
SUNDAY SERVICES
1 Service: 8.am-10.am
2Service: 10.30am-1Pm
Every first Sund the month
Holy Ghost Revival Fire
miracle service
WEEKLY DAYS
Tue: Interceding
From: 6.pm-7.pm
Wed Bible Study
From: 6.pm-7.pm
Email:amoke@yahoo.com
TECNO POP 7

KB003



RB001



KB004



RN001



RN002



RN003



RN004



RN005



RN006



RN007



RN008



RN009



RN010



RN011



RN012



RN013




RN014



RN015



RN016


SEVENTH-DAY ADVENTIST
CHURCH - KAWAALA
P.O.BOX 16037, WANDEGEYA
WORSHIP SERVICES
TUESDAY 6:00PM - 7:30PM
FRIDAY 6:00PM - 7:30PM
SABBATH (SATURDAY) - 8:00AM - 6:00PM
"GOD BLESS YOU AS YOU COME"

RN017


KAMPALA BAPTIST CHURCH
TO KNOW HIM & TO MAKE HIM KNOWN
WORSHIP SERVICES SUNDAY
First Service • 8:00Am - 09:45Am
Second Service • 11.00Am - 12:30Pm
BIBLE STUDY SUNDAY
Every Sunday • 10:00Am - 11:00Am
REACH OUT TO US
P.O. BOX 4607, KAMPALA
+256 414 530 899
www.kbcuganda.org
admin@kbcuganda.org
KAMPALA BAPTIST CHURCH

RN018


ROLEC
THE REDEEMED
OF THE LORD EVANGELISTIC CHURCH
SUNDAY SERVICES
Wednesday Service
5:00pm – 7:30pm
Friday Service
5:00pm – 7:30pm
Welcome


KINGDOM HALL
of
JEHOVAH'S WITNESSES

RN019



RN020



RN021

RN022



RN023



RN024




R0N25



RN026



RN027



RN028



RN029



RN030



RN031



RN032



RN033



RN034



RN035



RN036


Ebifaananyi ebiraga ebipande nnalulimirumu eby'amasinzizo mu bitundu by'e Kawempe.



KN001



KN002



KN003



KN004



KN005



KN006



KN007



KN008



KN009



KN010



KN011



KN012



KN013



KN014



KN015



KN016



KN017



KN018



KN019



KN020



KN021



KN022



KN023



KN024



KN025



KN026



KN027



KN028



KN029



KN030



KN031



KN032



KN033



KN034



KN035



KN036



KN037




KN038



KN039



KN040



KN041




KN042



KN043



KN044



KN045




KN046



KN047



KN048



KN049